# *Ttanka z'Omu Ttaka Eziwomoggose*

Mukama, nzikiriza, Mukama, nzikiriza,
Byonna biyinzika, Mukama, nzikiriza.

Tusigale nga tukyayimiridde okumala akaseera katono era tukoteke emitwe gyaffe.

2 Mukama waffe Yesu, tugezaako mu ngeri yaffe ey'obuwombeefu, nga tuyita mu kuyimba oluyimba luno, okukulaga, nti tukkiriza. Era tusaba, Mukama, nti kaakano, nti oneeyongera mu maaso okutumenyeramenyera Omugaati gw'Obulamu, nga otuwa ebyo bye twetaaga, okuva mu Kigambo Kyo. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

3 Mutuuleeko. Nkakasiza ddala nti, bwe tuba, bwe njogera kaakano ekigambo ekyo ekituukiriza byonna nti "amiina," nti emikisa gya Katonda emikulu gisigala giwummulira ku kibiina ky'abantu kino.

4 Enkya ya leero ntudde ne mpuliriza n'obwegendereza olukuŋŋaana, ne nnyumirwa obujulizi, n'engeri ez'enjawulo buli omu ze yeeyabyamu. N'okuwulira abapya, ow'oluganda Omubaputisiti wano eyazze okwetonda olw'okulowoozaamu nti ekyo kyali kikyamu. Kale mazima nsi—nsiima omuntu, omuntu asobola okubaamu ak'obuntu ekimala, oba—oba omuntumulamu ekimala, bw'aba alowooza nti alina ensobi gy'akoze. Mu butuufu abadde teyeetondera nze, si nze gw'abadde yeetondera, abadde yeetondera Katonda. Kale ekyo nki—nkisiima, olaba. Muganda waffe Katonda amuwe omukisa, ne munne ow'oluganda omubuulizi w'enjiri.

5 Bannange, Omubaputisiti oyo, omanyi, nange kennyini nnaliko mu kkanisa y'Ababaputisiti. Nnali mmemba wa Missionary Baptist Church. Nange bwe nzija mu makkati g'abantu, mmanyi bw'owulira. Nange bwentyo bwe nnawulira, nga mpulira nga alina ekinzijudde kye nna—nnali ssimanyi.

6 Nzijukira omulundi gwange gwe nnasooka okulaba omupentekoote yenna, kyali mu Dowagiac, mu Michigan. . . Munsonyiweko, nnali nva kuloba byannyanja mu Dowagiac, nga nserengeta okuva mu Dowagiac, ŋŋenda mu Indiana. Ne ndaba amannya agawandiikiddwa nti, "Yesu" ku mmotoka n'ebintu ebirala, ne mpuliriza enkuŋŋaana zaabwe kw'olwo. Olunaku olwaddako ne bansaba okujja ku kituuti, okubaako ebigambo ebitonotono bye njogera, era ne nkikola. Era na. . .Bambuuza ekkanisa mwe nva, ne mbagamba nti ndi Mubaputisiti.

7 Kati ekiro ekyo baalina omusajja omukadde omuddugavu nga ye yali agenda okubuulira, era ateekwa okuba nga yali nga mu myaka gye egy'ekinaana awo nga akunukkiriza ekyenda, bw'atyo n'ajja ku kituuti. Musajja wattu, kyenkana baalina na kumuwanirira buwanirizi okumuleeta. Yali, ayambadde emu ku kkooti ezo ez'ababuulizi, nga eriko ekitogi ekya veruveeti, nga kuliko omukugiro gw'ebyoya ebyeru ku ludda. Muli ne ndowooza nti, "Abasajja bano bonna abali wano abaasomerera eby'eddiini, abasajja ab'ekitalo, bayinza batya okukkiriza olukuŋŋaana luno okuweebwa omuntu bw'atyo? Eky'amazima, nnamukadde ono yalina kuba mu katebe awantu awamu, nga yeetuulidde."

8 Kw'olwo baali babuulidde kw'ebyo Yesu bye yakola nga ali wano ku nsi. Era, naye ye yafuna, ekitundu kye yasoma yakijja, nzikiriza kyali kiva mu Yobu 7:20, kaŋŋambe, ssikakasa oba nga ddala ekyo kye Kyawandiikibwa. Naye, kigamba bwe kiti, oba kale ekitundu ku kyo nti, "Wali ludda wa we nnateerawo emisingi gy'ensi, emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, n'abaana ba Katonda ne baawoggana olw'essanyu?" Era ye yayogera ku ebyo ebyali byabaawo mu Ggulu, ate bali bo baali boogedde ku ebyo ebyaliwo ku nsi.

9 Era waliwo we yatuuka, mu ddakiika nga ttaano nga atandise okwogera, n'a, Omwoyo wa Mukama n'amukkako, n'abuuka mu bbanga n'akoonaganya ebisinziiro bye. Bannange, ekifo kyali kigazi ekimala, nga kyenkana ekiri ku kituuti kino okigabanyaamu emirundi ebiri; naye yatambulanga n'akimalayo, nga bw'agamba nti, "Wano temulinaawo kifo kigazi kimala we nsobola kubuulirira."

10 Olwonno, nnalina emyaka nga abiri mu kiseera ekyo. Ne ndowooza muli nti, "Bwe—bwe kiba nga ekyo kye kikoze omusajja oyo omukadde, ate nze kiyinza kunkola kitya?" Okiraba?

11 Olw'okwagala okulaba nga buli kimu kiri mu nkola yaakyo entuufu eri baganda baffe abapya, okubalaga nti ddala tubaaniriza mu kkanisa yaffe. Ndaba, nzikiriza baayogedde ku ky'okuba nti waliwo omusosodooti atudde wano, ndowooza; era, nga bwe nninamu omusaayi gw'Abaayirisi, abantu bange Bakatuliki. Era waabaddewo n'abalala abawerako, Omubaputisiti n'abalala ab'enjawulo. Muyinza okuba nga mwatabuddwamukko, mu kaseera katono akayise. Nneetegerezza nga tewali n'omu ku b'oluganda akyogeddeko, wabula ndowoozezza nti nsobola okugezaako okukitangaaza. Ow'oluganda Shakarian bwe . . . Omwogezi omulungi eyabadde ayogera wano essanyu bwe lyamusukkiriddeko, olw'okukitegeera nti Okujja kwa Mukama waffe kusembedde, ya—yayogedde mu lulimi olutategeerekeka, gye tuli. Era tulina wano abavvuunuzi abawa okuvvuunula. Nga, Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "Bwe watabaawo avvuunula, basirikenga." Naye bwe—bwe boogera mu nnimi ne zzivvuunulwa, bufuuka

bunnabbi. N'olw'ekyo okutabulwatabulwa okutonotono okubaddewo bo—bombi we babadde boogerera mu kiseera kye kimu. Kati, ekyo kibadde tekitabula n'akatono, mulaba; kubanga, omu abadde awa makulu, omulala nga awa bunnabbi. Mukiraba? Kale, ekyo . . .

12 Nnalowoozezza nti nja kukinnyonnyola baganda baffe bakitegeere, bwe baba baabadde tebaakitegedde, kubanga omu ku bo yabadde aweera ddala . . . Mwetegerezza buli omu bwe yabadde ayogera mu luwalo lwe? Omu yabadde ajjuziddwa nnyo, nga ye, nga Omwoyo wa Katonda bw'alagula okuyita mu omu; nga awa amakulu, omulala nga awa amakulu. Kati okusobola okubeera nga kitegeerekeka, kibeere nti ggwe . . . tetuli . . . Ebiseera ebimu, eri entegeera y'obuntu . . . Nga muganda waffe omwagalwa abadde yeetonda enkya ya leero. Kitabulamukko eri oyo atakitegeera. Naye eri abo abali mu, abo abaludde mu lutalo luno lwe tulimu, kale, ffe ebintu bino tubitegeera, kye bitegeeza. Kale nnalowoozezza nti nja kubaako ne kye nkyogerako, bwe kiba tekirina buzibu.

13 Kati, nki—nkimanyi bulungi nti kino si kye kifo aw'okwogerera kino. Naye nga bwe kiri nti buli omu bw'abadde ayogera abaddeko n'obuntu obutonotono bw'ayogedde, nange . . . Mumanyi, nga omusajja oli bwe yagamba, muzeeyi oli omuddugavu bwe yagamba nti, "Temulina wano kifo kigazi kimmala kubuuliriramu." Nange temulina *budde* bummala kubuulira. [Ekibiina kikuba mu ngalo—Omuk.] Manyanga ntegeeza okwogera olulondakambe.

14 Lumu omusajja yagamba, mbu, "Omuweereza yajja, yali asumbye ekkanisa okumala emyaka abiri. Era bulijjo yabuuliranga okumala eddakiika asatu zennyini buli Ssande ku makya ku kkanisa ye." Kati n'agamba mbu, "Ku luno ku Ssande ku makya, yabuulira okumala essaawa ssatu."

15 Akakiiko k'abadiikoni ne kamutuuza, ne bamugamba nti, "Musumba, tukusiima nnyo nnyini." Ne bagamba nti, "Tukimanyi bulijjo nti—nti oyimirira ku lwa Bayibuli n'obuyinza bwayo." Ne bongera ne bagamba nti, "Era otuwabula bulijjo tusobole okuwulira nga tuli balongoofu era nga tutukula mu maaso ga Katonda. Era mazima ddala tukwebaza, era tukkiriza nti oli muweereza wa Katonda. N'obubaka bw'okumakya nabwo twabusiimye. Naye," ne bagamba nti, "waliwo ekintu kimu kyokka kye twagala okukubuuza." Ne bagamba nti, "Twakuwa obudde bw'olina okumala, nga akakiiko k'abadiikoni." Ne bagamba nti, "Buli Ssande ku makya omala eddakiika asatu awatali kusussaamu yadde, naye leero wamaze essaawa ssatu." Ne bagamba nti, "Kati, jjukira nti, bwonna twabusiimye. Bwabadde bulungi." Nga musajja wattu bagezaako okumuleetera okuwulira obulungi, nga bwe mumanyi.

16 N'agamba nti, "Kati, ab'oluganda, ka mbabuulire bwe kyabadde." N'agamba nti, "Buli ku makya bwe mba ŋŋenda ku. . .bwe bampita okujja ku kituuti," n'agamba nti, "Mu kamwa nteekamu akamu ku bu swiiti obwo obunuunibwa bwe bayita Obutaasa Obulamu," n'agamba nti, "era mbeera nkanuuna." N'agamba nti, "Ka swiiti ako ke bayita Akataasa Obulamu okukanuuna ne kaggweerera," n'agamba nti, "kitwala eddakiika asatu zokka," n'ayongera n'agamba nti, "awo nga ndekera awo okubuulira." N'agamba nti, "Mumanyi, enkya ya leero, ndabika nnasussizza mu budde bwe nkozesa bulijjo. Nnakawandudde, mu kamwa nnabaddemu na ppeesa."

17 Ssirina kintu kyonna kye ŋŋenda kuteekamu, kale ka tusuubire nti mu nsawo zaffe tetulinaamu ku mapeesa. Naye tuli. . .Ka nsuubire nti ekyo wano tekiwulikise nga ekivvoola. Naye mbadde. . .Omanyi, ne Katonda naye alina ebisesa, omanyi.

18 Kale tuli basanyufu okuba wano n'okubeera n'ekiseera kino eky'okussa ekimu, wamu—wamu n'omukisa guno ogw'amaanyi okumenya Omugaati gw'Obulamu nate, mu ngeri yange ennyangu eya wansi. Mmanyi nti, nga abaasomerera eby'eddiini, nga omusajja oli bwe yayogedde wano ekiro ava mu Bungereza; bannange, ssaagala kuddako nga omusajja nga oyo avuddeko, n'obuyigirize bwange obw'ekibiina eky'omusanvu. Naye nsuubira nti Katonda anaabawa amakulu agali mu mutima gwange. Mukiraba? Ebigambo byange bwe bitaba bituufu, ebigendererwa byange byo, nzi—nzikiriza, bituufu.

19 Kati leka tusome mu Byawandiikibwa. Bangi ku mmwe mwandyagadde okugoberera. Kale enkya ya leero ŋŋenda kusoma, okumala akaseera katono, okuva mu Kitabo kya Yeremiya, nnabbi, essuula ey'oku 2, era ŋŋenda kutandika n'olunyiriri 1.

> *Awo, ekigambo kya* M*UKAMA* *ne* kinjijira *nga kyogera nti,*
>
> *Genda oyogerere waggulu mu matu ga Yerusalemi nti Bw'atyo bw'ayogera* M*UKAMA* *nti; Nkujjuukirira ku kisa eky'omu buto bwo,* ne *okwagala okw'okwogerezebwa kwo, bwe wangoberera mu ddungu mu nsi etaliimu bisige.*
>
> *Isiraeri yali butukuvu eri* M*UKAMA*, *ebibala ebiberyeberye eby'oku kyengera kye: bonna abamulya baliba. . .zzizza omusango; obubi bulibatuukako, bw'ayogera* M*UKAMA*.
>
> *Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe ennyumba ya Yakobo, n'ebika byonna eby'ennyumba ya Isiraeri:*
>
> *Bw'atyo bw'ayogera* M*UKAMA* *nti Butali butuukirivu ki bajjajjammwe bwe baalaba mu nze n'okugenda bagenze*

*wala okunvaako, ne batambula okugoberera obutaliimu ne bafuuka abataliimu?*

*So tebayogera nti* MUKAMA *ali ludda wa eyatuggya mu nsi y'e Misiri, eyatuyisa mu lukoola, mu nsi ey'amalungu n'obunnya, mu nsi ey'ennyonta n'ey'ekisiikirize eky'okufa, mu nsi omuntu yenna gy'atayitamu, so . . . n'omuntu yenna* mw'atabeera?

*Ne mbaleeta mu nsi ey'ekyengera, okulyanga ebibala byamu n'obulungi bwamu; naye bwe mwayingira, ne mwonoona, ensi yange, ne mufuula obusika bwange okuba omuzizo.*

Ne *bakabona tebaayogera nti Mukama ali ludda wa? n'abo abatogaatoga amateeka tebammanya:* era *n'abakungu ne bansobya, bannabbi ne balagula ku lwa Baali ne batambula nga bagoberera ebitaliiko kye bigasa.*

Kyennaava *nneyongera . . . okuwoza nammwe, bw'ayogera* MUKAMA, *era ndiwoza n'abaana b'abaana bammwe.*

*Kubanga . . . mugende* mu nsi ye *Kittimu, mulabe; mutume e Kedali, mwetegereze nnyo, mulabe oba nga waali wabaddewo ekigambo ekyenkana awo.*

*Waliwo eggwanga eryawanyisa bakatonda baabwe, abatali . . . bakatonda naye? naye abantu bange baawaanyisizza ekitiibwa kyabwe olw'ekyo ekitaliiko kye kigasa.*

*Samaalirira ekyo, ggwe eggulu,* olwa kino, *otye ekitatiika, . . . owuubaale nnyo, bw'ayogera* MUKAMA.

*Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze oluzzi olw'amazzi amalamu, ne beesimira ebidiba, ttanka z'omu ttaka, ebitayinza kubaamu mazzi.*

20 Mukama agatte emikisa Gye ku kusomebwa kw'Ebigambo Bye. Era njagala o—okukozesa eky'okuyigako ky'ekyo, nga kigamba nti, *Ttanka Z'omu Ttaka Eziwomoggose.*

21 Bwe, mu kusoma Ekyawandiikibwa kino enkya ya leero; nga, Ebyawandiikibwa byonna byaweebwa olw'okuluŋŋamizibwa. Era nga tujja mu Nnyumba ya Mukama okugololwa n'okwongera okutegeera. Era emirundi egimu bwe tulaba . . . akantu konna akaba kali mu kkubo.

22 Nga munnamagye ono, akaseera katono akayise, bwe yabadde ayogera naffe n'agamba nti ebintu ebimu, nti oba oli awo mu ggwanga liri eddala bandiba n'ekikompola, oba—oba ekintu ekyekuusa kw'ekyo, era nga tulina okunoonyayo ekintu ekirala eky'okukyeŋŋanga mu—mu ngeri y'ekinnamagye.

23 Kati, bwe kityo bwe kiri n'eri ekkanisa, oba ekitundu omusajja gy'aba abuulira, oba bw'aba nga mubuulizi wa njiri ey'ebweru eyo gy'abuulira. Bw'alaba obwegugungo, n'ekintu ekitandika obutandisi, nga kibaawo, bwe kiba nga kyakatandika oba kyonna kye kiri; omusajja oyo, bw'aba muweereza wa Katonda, ekintu ekyo y'alina okukiziyiza kireme kutuuka mu birowoozo by'abantu basobole okukyewala. Ate ekyo ffe tetukyagala kutuuka awo, okubeera nti tutuuka mu mbeera bwe zityo.

24 Kati, mu biseera bya Yeremiya wano, mu bunnabbi bwe, waali kyenkana waakayita emyaka nga nkaaga nga—nga Isaaya—Isaaya amaze okufa. Era baali baakamala emyaka nga nkaaga nga tebalina nnabbi omukulu. Waaliwo Kaabakuuku ne bannabbi abalala abatono, naye Isaaya ye yali nnabbi omukulu eyasembayo. Era abantu baali, mu kiseera kino, tebaalina muntu yenna wa kubayitayo. Baali baseeseetuse. Newankubadde nga, baali bantu ba Katonda, naye baali baseeseetuse ne bagwa mu mbeera eno kati gye—gye tubasangamu wano, Yeremiya we yajjira okulagula gye bali. Ate Yeremiya naye yali . . . Yalagula nga okuwaŋŋangusibwa tekunnabaawo, era naye yagenda nabo mu buwaŋŋanguse.

25 Era kati, weewaawo, Danyeri yajja luvannyuma lwa Yeremiya. Era Danyeri yagamba nti yafuna okutegeera, okuyita mu Byawandiikibwa, ku myaka ensanvu gye baalina okumalayo.

26 Weewaawo, waaliwo ne nnabbi omulala mu bo, eyayagala okufuula ekikoligo kino, nga bwe yakyambala mu bulago, nti kijja kuba kintu kitono, nti mu myaka ebiri, gyokka, Katonda yali ajja kubakomyawo, naye Yeremiya kye yali amanyi kyali kyawukana kw'ekyo. Era tumanyi ebyatuuka ku nnabbi eyalagula ebikyamu, yafa mu mwaka ogwo gwennyini. Kale Katonda yali tasobola kumulekawo kuyinaayina.

27 Era kati tulaba n'embeera z'abantu mu biro ebyo. Kati ssandyagadde muntegeere bubi, si—ssigezaako, ssiruubirira . . . mu bye nduubirira okwogera wano, Ebyawandiikibwa ebimu n'ebintu ebitonotono bye nnawandiise.

28 Nnalinga sseetaaga ku—kuwandiika wansi Byawandiikibwa byange n'ebintu ebirala. Naye bwe nnasukka emyaka abiri mu etaano omulundi ogw'okubiri, n'atandika okuba, nga si—ssikyajjukira nga bwe nnateranga okujjukira, n'olw'ekyo kati mpandiika wansi Ebyawandiikibwa ne nsobola okumanya, gye ndaga, okusinziira kw'ebyo. Ate bw'oteekako n'obudde obungi mu kusabira abalwadde, n'ebintu ebirala, n'okutambula nga nzira eno n'eri, ssirina budde bwa kusomera ddala nga bwe nsaanidde kukola.

29 Kati, naye nnabbi ow'amaanyi ono ow'ebiro bino, yali Yeremiya, era yali mu kikula nga ekya Amosi ne bannabbi

abalala bangi abaasituka. Yatawaanyizibwa bwe yalaba embeera eggwanga gye lyalimu. Kati waliwo ebifo . . .

30 Emirundi egimu bw'oba oyogera ku ggwanga, kiyinza okulabika nga ekyogera ku ki—kibiina ekimu. Naye si bwe kiri. Kiba kifaananyi eky'eggwanga lyonna okutwaliza awamu. Era tulaba, leero, nga waliwo e—embeera y'emu leero eyeefaananyiriza n'eyaliwo mu biseera bya Yeremiya, nti eggwanga lyonna, okutwaliza awamu, kabe kasinge, ligenze, mu kusinza bifaananyi; nga, bwe nnyinza okugamba nti, livudde ku Katonda. Era mu kukola ekyo, kibaddewo lwa kunafuwa kwa kituuti. Kubanga, ssinga ekituuti kyasigala nga kitambula bulungi, n'Ekigambo kya Katonda, Katonda yandibadde mu buli kkanisa nga bw'Atambula mu ffe wano. Naye ekyo baakivaako. Era ekyo kye kintu kye—kye njagala okwogerako enkya ya leero. Era kati tukizuula nti ekyo bwe kityo bwe kiri mu buli mulembe.

31 Nzikiriza yali Amosi, nga bwe nnamwogeddeko akaseera katono emabega, eyagamba nti "teyali nnabbi, newankubadde omwana wa nnabbi." Naye yagamba, nti, "Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye?"

32 Era bwe waba waliwo omuntu yenna eyali awulidde empologoma yennyini nga ewuluguma mu ttale, zino ze muwulira wano eziri mu butimba ziba zikaaba bukaabi nga kkapa. Naye bwe wabaawo ewuluguma mu ttale, buli kimu kiwuliriza. Nnali mbaddeko mu kibira, okuziyigga. Ate ye kabaka w'ebisolo, era, empologoma eyo bw'ewuluguma, n'ebivuuvuumira birekera awo okuleekaana, buli kimu kirekera awo. E—ebibe n'e—n'empisi bigenda ne bireekaana, n'ensolo endala zonna, amazike ne gakwakwalikana n'enkima, n'ebivuvuumira, nga tolina na ky'osobola kuwulira; naye leka empologoma ewulugume mu bbanga eryesudde, buli vvuuvuumira we liri lijja kulekera awo okuleekaana. Mukiraba, buli kimu kigitya. Newankubadde, nga waliwo ebintu bingi ebisobola okugitta, naye y'etwalibwa okuba kabaka mu nsolo zonna.

33 Yagamba nti, "Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye?" N'agamba nti, "Kaakano Katonda ayogedde, ani ayinza obutalagula?"

34 Era ekyo, muli ndowooza, embeera eriwo etuukirira eri okusomooza okwo leero. Katonda ayogedde. Mukiraba? Tulaba n'omukono oguwandiise ku kisenge, kale kyangu nnyo okulagula n'okulaba nti tuli mu biseera bya nkomerero.

35 Era tulaba Katonda, okuva mu bibiina by'amadiini byonna, okuviira ddala mu Bukatuliki, mu makanisa agawakanya Obukatuliki, mu nsinza ya Buddha n'ebirala byonna, okuva mu Buyindi, n'awalala wonna, Ayita wamu abantu Be, nga abakuŋŋaanya wamu. Era ndi—ndi musanyufu nnyo olw'ekyo,

olw'okulaba olunaku luno nga lusembedde. Kati tu...Lu—lunaku lukulu nnyo, gwe gumu ku mikisa egisingayo okuba egy'ekitalo.

36 Nti, ssinga nnalina, ssinga nnali nsobola okutegeera ku luli nga ensi tennabaawo, bwe twali tukyali mmeeme nsa nga tuli kitundu ku Katonda, nga bwe tuli, kuba twali naye nga emisingi gy'ensi teginnabaawo. Kubanga, waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa kika kimu kyokka, era nga ye Katonda. Era tuli kitundu ku Ye. Twali tetusobola kutegeera yadde—yadde okulowooza, nga tetunnaba kwambala mibiri; naye twali mu birowoozo Bye eby'ekyo kye twali, nga ensi tennabaawo. Kubanga, tuli kitundu ku Ye, nga mutabani wange bw'ali kitundu ku nze, nga nange bwe ndi ekitundu ku kitange, n'abalala. Tuli baana ba Katonda ab'obuwala n'ab'obulenzi olw'okumanyirawo Kwe.

37 Era mu kiseera ekyo emabega eri, ssinga nnali nsobola okumanya nga bwe mmanyi kati, ne nnengera ebiseera eby'omu maaso byonna nga bwe biriba, n'Aŋŋamba nti, "Oyagala kubeera mu kiseera ki?" Nnandigambye kiseera kino kaakano, mu kiseera eky'akawungeezi eky'oku—eky'okukomekkereza kw'ebyafaayo by'ensi, n'okujja kw'Obwakabaka bwa Katonda okubeera wano ku nsi. Nzikiriza nti kye kiseera ekikyasinzeeyo okuba eky'ekitiibwa mu mirembe gyonna, kye kiseera kino kaakano.

38 Tukiraba wano nti nnabbi yali avunaana Isiraeri, Katonda we yamutongoleza n'amutuma, baali bavunaanwa ebibi bibiri ebikulu. Era twagala twogere ku bintu ebyo ebibiri bye baali bakoze. Era, okuva mw'ebyo, twagala tuganyulwe mu byo. Kati, baali bavudde ku Katonda, Ensulo ey'amazzi amalamu, nga beesimidde ttanka ez'omu ttaka. Baali bavudde ku kintu Katonda kye yali yabawa, nga beesimiddewo ekintu kye baali beekoledde nga bo. Era ttanka z'omu ttaka zino, bwe weetegereza, yali, zaali ziwomoggose era nga zitonnya.

39 Kati, ttanka y'omu ttaka ewomoggose tesobola kutereka mazzi. Ejja kutonnya ekalire. Nnakulira ku faamu, era mmanyi ttanka y'omu ttaka ekaddiye bw'eba, n'obuzibu bwe tugifunamu.

40 Era ttanka y'omu ttaka eno etonnya ki—kifaananyi ekiragira ddala obulungi, ebiro bino bye tulimu, mu kulowooza kwange, kubanga buli kimu kyonna (ekyaffe) kye tugezezzaako okukola, okugatta abantu, okukuŋŋaanya awamu abantu, okugatta amakanisa, bulijjo kibaddenga kuyita mu mutendera gwa kugezaako kukozesa ntegeera ey'amagezi ag'obuntu. Tugezezzaako okukyusa Abamesodisiti bonna okubafuula Ababaputisiti, ne bano bafuuke bali, n'ebibiina by'amadiini ebirala eby'enjawulo. Ate nga eyo tebangako ntegeka ya Katonda, okusooka kwa byonna.

41 Katonda alina ekifo kimu kyokka aw'okusisinkanira. Yagamba mu Kitabo ky'Okuva, nti, "Nnonze ekifo aw'okuteeka Erinnya Lyange, era ekyo kye kifo kyokka we Nnaasisinkanira abantu." Era yalonda ekifo aw'okuteeka Erinnya Lye. Era we yateeka Erinnya Lye, awo we yasisinkaniranga Isiraeri. Alina ekifo mw'Asisinkanira ekkanisa Ye leero, era Ye yalonda Erinnya eryo, n'Erinnya eryo ye Yesu Kristo. Era omwo mw'Asisinkanira omukkiriza owa nnamaddala, bw'aba mu Yesu Kristo. Omwo Katonda mwe yalonda okuteeka Erinnya Lye.

Oyinza okugamba nti, "Erinnya lya Katonda?"

42 Ye yagamba nti, "Nnajja mu Linnya lya Kitange." Kale omwo Katonda mwe yateeka Erinnya Lye, mu Kristo. Era mu Kristo ffenna mwe tusobola okusisinkanira wansi w'Omusaayi ogwayiika, era omwo ne tuba n'okussa ekimu okwa nnamaddala, era okw'amazima.

43 Katonda yakola entegeka Ye ku luberyeberye, mu lusuku Adeni, n'akola ekifo w'Alina okusisinkanira omuntu, era ekyo tekwali kusinziira ku ntegeera ya magezi ga buntu; ssinga bwe kyali, kyandibadde kitegeeza Kaawa yali akwatagana n'entegeka Ye. Naye tumanyi nti yakkiriza entegeera ya Ssetaani ey'amagezi ag'obwongo ey'okugamba nti, "Mazima, Katonda tajja kukikola," ate nga Katonda yali yagamba nti Alikikola! N'olw'ekyo yalonda ekifo eky'obununuzi, era kyali kuyita mu Musaayi, so si kuyita mu ntegeera ya magezi ga buntu.

44 Kale tuba tumala bumazi biseera, naye obwo bwe butonde bw'omuntu okuba nti—nti abantu ekyo bajja kugezaako o—okukikola. Ssinga tubadde n'obudde, twandikinnyonnyoledde ddala, naye eppeesa liri ssiryagala. N'olw'ekyo tujja kugezaako okukinnyonnyola mu ngeri ennyangu ennyo nga bwe kisoboka nti, "ttanka z'omu ttaka ezitonnya." Era tukiraba nti ki—kizzeemu ne kibaawo nate, kye kifaananyi kyennyini eky'omulembe gwaffe gwe tulimu, mu kufuba kwaffe kwonna.

45 Kati mu kino ssigezaako kuyisaamu maaso muweereza wa Katonda yenna ky'akoze, n'oyo yenna ayitibwa Erinnya lya Yesu Kristo. Asaanidde okuweebwa ekitiibwa n'olw'okuyitibwa Erinnya Lye mu buwombeefu era nga alissaamu ekitiibwa. N'enkola z'okubuulira enjiri ezitalaaze ensi yonna, n'ebirala byonna, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, naye era ndowooza, nti tetulisobola kugatta wamu bantu mu mutima gumu okutuusa nga tubaleese wansi w'Omusaayi gwa Yesu Kristo. Ekyo kye kifo kyokka we tulisobola okubeera mu mirembe.

46 Waliwo eyankubira essimu gye buvuddeko, okuva engulu mu Buvanjuba, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, mpulira mbu wasenguse n'odda mu—mu Arizona, era mbu wakozeeyo n'e—n'ekifo awatatuuka kabi konna." Era nga bwe mumanyi engeri Obubaka gye bwajjamu, Mukama n'aŋŋamba ebyali eby'okubaawo mu Alaska, n'engeri bwe kyali kigenda okuba

emmanga eri mu California wonna, era nga ddala bwe kityo bwe kibadde. Baagamba mbu, “Kati eyo bwe waba waliyo ebikankano, n’ebintu ebirala, kifo ki awatatuuka kabi?”

47 Ne ŋŋamba nti, “Ekifo kiri kimu kyokka kye mmanyi awatatuuka kabi. Mu Kristo. Kubanga abo abali mu Kristo, ba . . . ” Kye kyokka kye mmanyi.

48 Kati Yeremiya n’ekirala, yayitibwa, “nnabbi akaaba.” Era, kye nzikiriza, ekyaleetera nnabbi ono okukaaba—okukaaba, manyanga, kyali lwa kuba nti ye nga bwe yali nnabbi (ate nga Ekigambo kya Mukama kijja eri abo) yalaba abantu bwe baali bagoberera obulombolombo bwabwe, nga balowooza batuufu, naye nga tewali ngeri yonna ya kubakyusaamu.

49 Kuba, butereevu baali boolekedde kuwaŋŋangusibwa, kubanga tukimanyi nti ky’osiga ky’okungula, k’obeere ani, oba kyonna ky’oli. Era naffe nga eggwanga tukungudde, manya, tusize, manyanga, era tuteekwa okukungula. Nja kwogera enkya, Mukama nga ayagadde, olw’eggulo, ku *Ebisa By’Okuzaala*; era ekyo nja—era ekyo nja kukikwatako omwo, okulaga nti tetusobola kumala gasimattuka awatali kukisasulira. Tuteekwa okukungula bye tusiga.

50 Era ssinga Katonda atuleka ne tuyinaayina n’okukyamizibwa kw’Obukristaayo okw’ennaku zino, n’okuwabya abantu mu bintu bino bye tuyita Obukristaayo, nga lumu Ow’oluganda Moore bwe yagamba nti, “Aliba avunaanyizibwa okuzuukiza Sodoma ne Ggomola, abyetondere olw’okubyokya.” Bwe kiri, kubanga Katonda akyali mwenkanya. Naye kati obutali bwenkanya we butuuse; ki—kigwaanidde mu butukuvu Bwe n’Ekigambo Kye aleetere abantu okukungula ebyo bye basize, era ekyo tujja kukikola.

51 Kati mwetegereze baali bamuvuddeko Oyo, Ensulo ey’amazzi amalamu, nga beesimidde ttanka ez’omu ttaka.

52 Kati wano wayinza okubaawo omuntu atamanyi ttanka ya mu ttaka. Ttanka y’omu ttaka ye ttanka omuntu gy’akola okugezaako okukola nga oluzzi. Kye kintu ekisimibwa omuntu. Kati bameka abamanyi ttanka y’omu ttaka? Kale. Kale, tulina abantu bangi wano abava mu byalo enkya ya leero. Kale zi . . . Nzijukira ttanka y’omu ttaka mu kifo kiri, bwe yali efaanana, era nnatyanga nnyo okuginywako amazzi. Yali tta—ttanka eyali yasimibwa omuntu. Ate tesobola kwesigika. Tosobola kwesiga ttanka ya mu ttaka.

53 Kati nga bulijjo ekintu kyonna ekikolebwa omuntu tekiba kirungi nnyo ekiri awo. Wabula nga mu—Mukama bwe yateeka ebiseera mu—mu—mu mitendera egigoberegana, n’engeri ensi gy’ekyukamu; buli mwaka, buli mulundi gwe yeetooloola, buli lunaku, buli ssaawa, n’enjuba n’egolooba, tebivangako mu ntambula yabyo. Naye ate essaawa ezisingayo okuba ennungi ennyo ze tuyinza okufuna, zijja kusuula eddakiika nnyingi mu

bbanga lya mwezi bwezi, awatali kubuusabuusa. Naye, olaba, buli kintu Katonda ky'akola kituukiridde, naye ate omuntu ky'akola kyo tekituukiridde. Kati lwaki okkiriza okutwala ekyo ekikoleddwa omuntu, nga ate osobola okufuna ekyo ekituukiridde?

54 Ekyo bulijjo nkyogeddenga ku ffe Abapentekoote. Mulabe, tukimanyi nti, ate nga si—si kugamba mbu weewaawo tuli bweru wa nkola ya Katonda, mbu tetukkiriza; naye era tukimanyi nti mu ffe tulina abantu abagezaako okugeeegeenya bannaabwe. Ekyo kya buntu. Bajja kugezaako okukikola. Baakikola mu Bayibuli, "Omu mbu, 'nze ndi wa Pawulo,' 'nze ndi wa Siira,'" n'abalala bwe batyo. Naye nga ba—bagezaako kugeeegeenya omulala kye yakola oba ky'akola.

55 Naye nga ddala lwaki okkiriza ekintu ekitali kya nnamaddala eky'okugeeegeenya obugeeegeenya, nga obwengula bujjuddemu ekya nnamaddala, nga ate "ekisuubizo kiri eri mmwe n'abaana bammwe"? Lwaki tukkiriza ekintu ekyawukana kw'ekyo? Nga lwaki tutwala ekigunje oba ekiyiiye, ate nga Bayibuli kye Kigambo kya Katonda ekitajunguluddwa? Lwaki tugezaako okugattako oba okutoolako, ate nga Mukama waffe Yesu yayogera mu Kubikkulirwa 22:18 nti, "Yenna alitoolako Ekigambo yadde ekimu ku Kyo, oba aligattako ekigambo yadde kimu ku Kyo, n'omugabo gwe guliggyibwamu mu Kitabo ky'Obulamu"?

56 Katonda omulundi ogwasooka bwe yateeka oluse lw'abantu mu. . .ku nsi, yabagamba nti babeerewo ku lwa Kigambo Kye. Kati Ekigambo kya Katonda kiringa olujegere, osomoka nakyo waggulu wa ggeyeena; ate nga obugonvu bw'olujegere ge maanyi gaalwo, era Katonda ayagala tukuume buli Kigambo ekikirimu. Kati awo Bayibuli w'etandikira; era okumenya Ekigambo kimu bwe kiti, ky'asuula oluse lw'abantu lwonna mu kizikiza eky'okufa.

57 Yesu n'ajja awo mu makkati ga Bayibuli, n'Agamba nti, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo." Si kitundu butundu ku Bigambo, oba ebitundu kyenda mu mwenda ku kikumi; wabula buli Kigambo kyonna, nga Kaawa ne Adamu bwe baali.

58 Ne mu kuwumbawumba kwa Bayibuli, Okubikkulirwa 22:18, n'Agamba nti, "Yenna aliggyamu Ekigambo mu Kino, oba n'agattako ekigambo yadde ekimu ku Kyo!"

59 Kati lwaki twetaaga okuwagikamu Wano endowooza z'omuntu ez'ebintu, ate nga kino ye Ndowooza ya Katonda Yennyini kukyo? Twagala kutwala ekyo kye yayogera. Era kyawandiikibwa nti, "Leka buli kigambo kya buli muntu bubeere obulimba, naye Ebyange gabeere Amazima."

60 Ekyo kye kyali kitawaanya nnabbi ono. Mu biro bya Yeremiya, ye yali nnabbi, ye yalina Ekigambo kya Mukama.

Naye omusajja ono yali agezaako okubaako ne by'akiwagikamu. Kati, kiba tekisobola kwesigika. Era ngeraaageranya ttanka zino n'enkola ez'enjawulo ze tugezezzaako okuddira, ne tuzisaawo okutwala ekifo ky'Ekigambo kya Katonda nnakabala.

61 Kubanga, tewali kisobola kutwala kifo kya Kyo. Kyo ye Katonda. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'ayambala omubiri n'abeera naffe." Era Abaebbulaniya 13:8, wagamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Tuyinza tutya Ekyo okukivaako? Gateekwa kuba Mazima. Asigala y'omu. Ye omu mu buli nnono.

62 Eyo ye nsonga lwaki Ekyo kibawoomera, mmwe Ababaputisiti n'Abamesodisiti, n'Abakatuliki n'Abapulesibiteriyani, n'abalala bonna, muwoomerwa Okubeerawo okwo. Munda, mu mmwe, mwakkiriza Katonda. Oba oli awo oluusi mu ngeri ey'entegeera y'amagezi ag'obuntu, osanga wawulirako ku Maanyi ga Katonda, era nga oli muweereza wa Katonda; naye bw'oyingirira ddala mu Katonda, n'otegeera ekifo kyo mu Ye, nga omwana wa Katonda ow'obulenzi oba ow'obuwala, ekyo kye kikuleetako enneewulira eyo ennungi ennyo, Katonda gye yayagala obeere nayo.

63 Kati tulaba mu njiri y'Omutukuvu Makko, essuula ey'e 16, nga Yesu teyagambako nti, "Mugende mu nsi yonna, mu—mu—muyigirize." Yagamba nti, "Mugende mubuulire Enjiri." Okubuulira Enjiri, kwe, kwolesa Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu! "Mugende mu nsi yonna, mwolese Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu."

64 Nnali njogera n'ow'oluganda, omu ku baali basasulira... olukuŋŋaana lwange mu Buyindi, eyo mu Bombay, mu South Africa ne mu bitundu ebirala eby'enjawulo, abaminsani Ekyo gye baali baakiyigiriza nga ekigambo obugambo oba nga entegeera ey'omu bwongo kyokka. Naye lumu mu lukuŋŋaana, Omwoyo Omutukuvu bwe yakka, Ye kennyini, n'alokola bannansangwa emitwalo esatu omulundi gumu mu kuyita abaagala okulokoka, awo wennyini mu kifo we baali bayimiridde. Abakazi nga bayimiridde awo, nga bali bukunya kyenkana nga bwe baali bwe baazalibwa okujja mu nsi, naye eddakiika yennyini we baayimusiza emikono gyabwe okukkiriza Kristo...

65 Omwoyo Omutukuvu n'akka wansi ku kifo kyonna n'awonya abantu emitwalo ebiri n'ekitundu omulundi gumu, ne bava mu bugaali bw'abalema, ku butanda bw'abalwadde ne ku busituliro. Meeya w'ekibuga n'ampita, enkeera, okulaba emmotoka zino ezaali zijjudde ebintu nga zitambula ku luguudo.

66 Abakazi abo baali bayimiridde awo, nga bali bukunya, naye nga tebamanyi na kumanya nti bali bukunya. Naye Omwoyo

Omutukuvu olwabakkako ati, ne bawumbako emikono gyabwe ne beemulula okuva awali abasajja baabwe.

67 Kati nneewuunya kijja kitya okuba nga ffe mu Amerika abeeyita eggwanga Ekristayo, era abali mu Kubeerawo kwa Katonda; buli mwaka ffe, abakazi abaffe, bongera kweyambula. Ate nga musaanidde kwongera kwebikka. Gy'okoma okwambala Kristo, gy'onaakoma okutegeera embeera zo z'olimu. Oluusi ndaba abantu engeri gye beeyisaamu ku nguudo, ne nneewuunya oba nga ddala balamu bulungi mu bwongo. Kirabika nga ababa batakitegeera nti bwe bakikola ekyo, kye bakola, baba beefudde mutego gwa ssetaani, na kusindika mmeeme mu ggeyeena. Bwe kiri. Naye ensi eri mu bwonoonefu nga bwe yalimu mu biro bya Yeremiya.

68 Kati tukomewo ku ttanka y'omu ttaka. Kati, ttanka y'omu ttaka eno tesobola kwesigika kubanga tesobola kwejjuza mazzi ku bwayo. Erina kulinda nkuba etonnya mu kitundu okugijjuza, enkuba etonnya mu kitundu oba okudda obuggya okw'omu kitundu ekyo, okuba n'okudda obuggya okutonotono *wano* n'okudda obuggya okutonotono *wali*, n'awalala bwe watyo, okusobola okujjula. Kale tesobola kwesigika. Tesobola kwejjuza mazzi ku bwayo. Teyeemalirira, nga yo. Tesobola kukikola. Era eba erina kulindirira nkuba etonnya, okugijjuza amazzi.

69 Kati leka twetegereze wa gy'e—gy'ejja enkuba yaayo, wa gy'ejja amazzi gaayo, ttanka y'omu ttaka eno. Gava waggulu ku mabaati g'ebiyumba by'ebisolo, ku bisasi, obucaafu bwonna enfuufu bw'ekunta nabwo gye bukuŋŋaanira, oluvannyuma ne bikulukuta mu nkuba, ne bisibira butereevu mu ttanka y'omu ttaka, ttanka omuntu gye yazimba. Olwo kyenkana n'efuuka nga kinnya kya kazambi. Era gakulukuta okuva waggulu ku mabaati g'ekiyumba eyo ebisolo byonna, okuwunya kwonna okubeera mu biyumba by'ebisolo, n'ebirala byonna, ne gakka wansi. N'embuyaga n'ekunta n'e—n'ereeta enfuufu ne kacica yenna ow'oku kiyumba ky'ebisolo, awo enkuba n'etonnya byonna n'ebitwala, enkuba, n'ebikulukusa.

70 Oluvannyuma amazzi ago ne gatwalibwa olugogo olwakolebwa omuntu okuyita mu mudumu ogwakolebwa omuntu, okutuuka mu ttanka eyakolebwa omuntu. Era we gatuukiramu, gaba makyafu, nga makyafu nnyo ddala okutuusa nti olina okusooka okuteekako ekiwero ekisengejja, bwe kitaba ekyo tosobola kuganywa. Kati, mukiraba, gakulukuta okuva ku kasolya okuyita mu lugogo olwakolebwa omuntu okuyita mu mudumu ogwakolebwa omuntu, okutuuka mu ttanka eyakolebwa omuntu. Nga nayo eriko ekiwero ekisengejja ekyakolebwa omuntu ku ngulu kwayo, okukakasa nti obumu ku buwuka n'ebintu ebirala bisigala waggulu.

71 Kati, kati tukiraba nti, mu bino, oluvannyuma lw'ennaku ntono amazzi gateeka wansi, mu kibiina ky'eddi-. . .kino

ekyakolebwa omuntu, manya, mu ttanka eno eyakolebwa omuntu. Munsonyiwe. Munsonyiwe. Kale. Nga ga—nga gamaze okukulukusa, enjigiriza z'ekinnaddiini zonna n'ebintu ebirala ne bikuŋŋanyizibwa munda mu yo; kati tukiraba nti, oluvannyuma lw'ennaku entonotono nga gamaze okuteeka, gaba tegakyakulukuta.

72 Era buli muntu akimanyi, mu byafaayo by'ekkanisa, nti Katonda bw'abaako ne ky'atuma, obubaka, we bujjira buba buggya okuva ewa Katonda, naye oluvannyuma o—obulamu bw'omuntu oyo eyakitandikawo (oba kyonna ky'ayinza okuba, oyinza okumuyita omuddaabuluzi, oba kyonna ky'oyagala okukyogerako), bw'amala okufa, olwo ne babaako n'enkola gye bakolawo ne bakola ekibiina. Era kasita bakikolamu ekibiina bwe bati, nga kifiirawo. Tekiddamu kusituka nate. Ekyo kibadde bwe kityo buli mulundi, mu biseera byonna emabega, okuviira ddala emabega.

73 Ku kikwata ku ky'omusosodooti Omukatuliki ono atudde wano; Katonda ekkanisa bwe yagikolamu ekibiina . . . manya, si kugikolamu kibiina, Katonda ekkanisa tagikolangamu kibiina. Omulimu ogw'ekika ekyo si mulimu Gwe. Ye ali mu gwa kuzaala, so si gwa kukola bibiina. N'olw'ekyo, Katonda bwe yatandika ekkanisa ku Lunaku lwa Pentekoote. Ku nkomerero ya byonna e Nikyeya, e Roma, ne bagikolamu ekibiina, era awo we yaviibwako Amaanyi gaayo.

74 Awo ne tujja ku kuddaabululwa kw'Abaluzalaani, era kyali kintu kirungi nnyo ddala. Ekigambo kya Katonda kyaweebwa nti, "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza." Naye kye baakola, mu kifo ky'okutandikira wali, bonna wamu, nga bonna bali wamu ne beeyongera mu maaso, baakola bukozi kkanisa y'Abaluzalaani, nga beeyawula ku kibiina kino, era ne kifa.

75 Awo Katonda n'asitula John Wesley, n'okutukuzibwa, obubaka obw'omulimu gw'ekisa ogw'eddaala ery'okubiri, era kyali kintu kirungi nnyo. Naye Wesley ne Asbury bwe baavaawo, ne bakolamu ekibiina, ne kifa.

76 Awo ne wajja Abapentekoote n'okukomezebwawo kw'ebirabo. Baali batambudde bulungi, naye kiki ekyaddirira? Baakikolamu ekibiina ne kifa. Mu ngeri y'emu yennyini.

77 Kati mu bino byonna nga bigenda mu maaso, Katonda akyayitayo ensigalira y'abantu okuva mu mirembe egyo gyonna. Akikola mazima ddala. Era kaakano kiseera kyaffe kya kufulumayo, kukuŋŋaana wamu. Era eyo ye nsonga lwaki ndowooza nti, enkolagana y'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu ekoze kinene nnyo mu kumenya ebisenge bino, nga bagamba nti, "Tetulina kitwawula. Mujje tukuŋŋaane wamu tusinze Katonda wansi w'ennono emu, so si wansi wa kibiina."

Ssinga kyali kibiina, ekituuti kino nnandikivuddeko mu kaseera kano kennyini. Ssirina kakwate nakyo.

78 Ekyo kye kiri, kulina kuba kussa kimu, ate nga si kussa kimu kwa kiyiiye kyonna, wabula okussa ekimu mu Kristo, olw'amaanyi ag'okuzuukira Kwe. Ekyo kye kintu ekireeta Obulamu, kireeta okuzaalibwa.

79 Ate okuzaala bwe kuba tekunnabaawo, tukimanyi nti walina okusooka okubaawo okufa nga tewannabaawo okuzaala. Ate okuzaala kaba kavuyo, ssifaayo oba kuzaala kwa kika ki. Oba kubaawo mu kiyumba kya mbizzi, oba—oba wonna we kubeera, kaba kavuyo. N'okuzaalibwa obuggya bwe kuli, kukuleetera okukola ebintu by'otandirowoozezza kukola mu mbeera yo eya bulijjo. Naye bwe weewaayo okufa eri ggwe, awo ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'ofuuka kitonde kiggya mu Kristo Yesu, olwo ebintu, ne bitangaala n'obulamu n'oba nga obulaba mu ngeri mpya, kubanga oba okkirizza Omuntu Yesu Kristo, so si ndowooza ey'engeri emu oba ekiyiiye eky'engeri yonna.

80 Kuba, n'eri Ekigambo kyennyini ekyawandiikibwa, kirina kulamusibwa Mwoyo Mutukuvu. Ne bw'oba olina enjigiriza z'eddiini ez'enkana wa, ziri omwo nfu. Nsobola okuba n'olubatu lw'eŋŋaano; naye okutuusa nga eteekeddwa mu mutendera w'esobolera okulamusibwa, eŋŋaano eyo tesobola kuba nnamu. Naawe osobola okubeera ne ddiguli y'obwa dokita esinga zonna, Ph., LL., oba kyonna ky'oyagala okuba nakyo; naye okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu agisseeko n'agifuula ennamu gy'oli, okuyita mu nsisinkano ey'omuntu sekinnoomu ne Katonda, eŋŋaano eyo teba na mugaso. Okusoma kwo kuba kwa bwereere.

81 Nga omusajja Omungereza ono bwe yayogera wano ekiro kya luli, kyampuniikiriza nnyo. Mu kusoma kwonna kwe yalina, nga Pawulo, yalina okwerabira byonna bye yali amanyi, okusobola okuzuula Kristo, akole ebintu bye yali alowooza nti tasobola kubikola.

82 Naye Katonda bw'atyo bw'akola, atufeebya mu nkola yaffe ey'ebyenjigiriza. Ssigezaako kuwagira butasoma, naye ngezaako kubalaga njawulo. Obuyigirize tebusobola kuleeta Bulamu. Kyetaagisa Mwoyo wa Katonda okuleeta Obulamu, ate Obulamu obwo tebulina kuva mu kudda buggya kwa ntegeera ya mu bwongo. Bulina kuva mu Bayibuli, okudda obuggya okw'Ekigambo, ate Ekigambo ekyo kye kimu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era bw'Akka leero, n'aleeta obulamu, ofuna ebivaamu bye bimu bye baafuna mu Bikolwa by'Abatume 2. Nga bye bimu ddala. Bwe kibaddenga bulijjo, era bwe kiriba, kubanga aba Mwoyo wa Katonda nga y'ataddewo embeera.

83 Waliwo embeera eyetaagisa okubaawo okusobola okukola ebintu. Eyo ye nsonga lwaki mmwe abasajja muyigirizibwa bulijjo nti, "Abaana bammwe mubaleete wano." Weewaawo, ekyo kituufu ddala. Nnasanyuse okulaba muwala wange,

Rebekah, nga ayingira n'atuula wansi, eddakiika ntono ezaakayita. Abamu ku mmwe mwandabye nga ntemya ku mukazi, yabadde muwala wange, ye yazze n'atuula. Njagala afune okubatizibwa kw'Omwoyo, era eyo ye nsonga lwaki ali wano mu lukuŋŋaana. Ekyo kye kigendererwa kyakyo. Waliwo embeera eyeetaagisa.

84 Nga muzeeyi Dokita Bosworth bwe yateranga okugamba nti, "Ssinga oddira eggi ly'enkoko n'oliteeka wansi w'akabwa ne kaliwa ebbugumu, lijja kwalula liveemu akakoko." Lwaki? Kubanga ggi ate liba lifunye embeera entuufu.

85 Ssifaayo oba oli Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mupulesibeteriyani; mu mbeera entuufu, kijja kuvaamu omwana wa Katonda azaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Embeera y'ekikola, k'obeere nga oli wa kibiina ki kyonna.

86 Twateranga okulunda ente. Nneetegerezanga nnyo omukuumi w'ekibira bwe twazitwalanga mu kibira, okuva—okuva wano we zaaliiranga ku ffaamu, ne tuzitwala mu kibira. Yayimiriranga awo ne yeetegereza nga bwe ziyita mu mulyango, ku lugango. Teyafangayo nnyo ku bika bya nte, kubanga waabangawo ebika eby'enjawulo ebyayingiranga. Naye waliwo ekintu kimu kye yeetegerezanga, bwe bulambe obulaga ekika ky'omusaayi. Yalinanga kuba ya kika kya Hereford ekitali ekyo nga tesobola kuyingira mu kibira ekyo, kubanga Ekitongole kya Hereford kyokka kye kyaliisizanga ente zaakyo mu kibira ekyo. Yabeeranga erina okuba n'obulambe obulaga ekika ky'omusaayi, okusobola okukuuma olulyo.

87 Era ndowooza bwe kityo bwe kiriba ne ku Lunaku olw'Omusango. Talimbuuza oba nnali Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mupentekoote, oba Mupulesibeteriyani, wabula Aliba anoonya bulambe obulaga Omusaayi. "Bwe ndiraba Omusaayi ndibayitako." Ekyo kye kikulu.

88 Kati tukiraba nti ttanka z'omu ttaka zino, bwe wayitawo ekiseera, zi. . .zituuka amazzi ne gaba nga tegakyakulukuta ne ziba nga tezikyagasa. Olwo nno, ne zifuuka, ne zifuuka maka ga bikere na minya na misota na biwuka na buwuka obuleeta endwadde, n'ebirala byonna, olw'embeera y'amazzi agatakulukuta mwe bisindiikirizibwa. Osobola okukubamu akaafananyi, ebintu ebikulukuta okuva ku kasolya k'ekiyumba ky'ebisolo, oba okuva ku nnyumba eriraanye ekiyumba ky'ebisolo, oba awalala wonna awali obucaafu, ebiwuka n'obuwuka obuleeta endwadde, na buli kimu kyonna, kati ebyo byonna ne bikulukutira mu ttanka y'omu ttaka eno?

89 Kati, ekyo kyakulabirako kirungi eky'enkola yonna eyakolebwa omuntu. Okusooka kwa byonna, omuntu talina ky'asobola. Ye nsonga lwaki yeetaaga Omulokozi. Tasobola kwerokola, talina ky'asobola kukikolera. Okusooka kwa byonna, yabula. Azaalibwa mu nsi, nga mwonoonyi, mu nsi ajja

nga ayogera bulimba. Okusooka kwa byonna, mulimba, kati ayinza atya okubaako ne kye yeekolera? Mutukuvu atya?

90 Teri muntu mutukuvu. Teri kkanisa ntukuvu. Aba Mwoyo Mutukuvu! So si ekkanisa entukuvu, abantu abatukuvu; aba Mwoyo Mutukuvu mu bantu, ekyo bwe kiri. Amiina. Si lusozi olutukuvu Peetero ne banne kwe baayimirira; olusozi terwali lutukuvu. Wabula Katonda Omutukuvu, ku lusozi, ye yalufuula olutukuvu. Ssi muntu omutukuvu; abeera Mwoyo Omutukuvu akolera mu muntu oyo, y'amufuula omutukuvu. Ssi muntu ku bubwe; wabula Omuntu Omwoyo Omutukuvu! Ssi muntu ku bubwe; kubanga, ye muntu buntu, "eyazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu bujeemu, n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba."

91 Enkola yonna eyakolebwa omuntu mu ekyo mwennyini mw'ejja okumukuumira. Ekintu Ajja kukikweka abo abakalabakalaba, ab'amaaso amakalabakalaba, abalowooza mbu, "Nze nva mu kkanisa gundi, erinnya lyange liri mu kitabo. Nnakola *kino*. Kitange yali *kino*, n'ebirala." Ebyo byonna biwulikika bulungi; era, birungi, tewali kiyinza kubyogerwako. Naye era, ow'omukwano, Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, n'okulaba tasobola kulaba," *okulaba*, awo, tekitegeeza nti alaba n'amaaso ge, wabula, "*okutegeera* Obwakabaka Obw'omuggulu." Okutuusa lw'obuzaalibwamu!

92 Omubuulizi w'Enjiri ono Omubaputisiti yandiyinzizza atya okukikola, omusajja oyo eyayimirira awo n'akivumirira n'akijolonga Ekyo yandiyinzizza atya okukikola? Mukiraba, mu ye temwali kintu kyonna kyali kisobola kukkiriza Ekyo; wabula Katonda ye yalina okukikola, mulaba. Katonda yamuwa Omwoyo Omutukuvu. Yakyoleka nti buno tebwali bunnanfuusi, kino kye Kigambo. Yali akiwulira buwulizi kusinziira ku ndowooza ya ttendekero, ate nga eyo bagezaako okuddira e— emikisa gya Katonda gyonna ne bagiteeka mu biro ebyayita.

93 Omubuulizi omuto Omubaputisiti, ebbanga ttono emabega wano, waali atudde wano enkya ya leero; yajja gyendi, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, waliwo ekintu kimu ky'okola ekikyamu."

Ne ŋŋamba nti, "Nnyamba."

94 N'agamba nti, "Oli, muli ndowooza nti oli muntu mulungi era omwesimbu, naye. . . "

Ne ŋŋamba nti, "Nneeyanzizza, ssebo."

N'agamba nti, "Naye waliwo ekintu kimu ky'otakola bulungi."

Ne ŋŋamba nti, "Ka nsuubire nti ne Mukama azuula ekikyamu kimu kyokka."

95 N'agamba nti, "Kale, waliwo. . .Kino ky'okola ekitali kirungi." N'agamba nti, "Ogezaako okwanjulira ensi

obuweereza bw'ekitume, ate nga," n'agamba nti, "obuweereza bw'ekitume bwakomekkereza na batume."

96 Ne ŋŋamba nti, "Nga Omubaputisiti eri Omubaputisiti, njagala nkubuuze ekibuuzo."

N'agamba nti, "Kye kiriwa?"

97 Ne ŋŋamba nti, "Okkiriza nti Ekigambo kya Katonda kyaluŋŋamizibwa, buli katundu ku Kyo?"

N'agamba nti, "Nga lwaki, ddala bwe kiri."

98 Ne ŋŋamba nti, "Kati, Yagamba nti, 'Temugattangako yadde ekigambo ekimu, oba okutoolako Ekimu.' Kubanga," oluvannyuma ne ŋŋamba nti, "Nja kukulaga Omukisa gw'ekitume we gwakkira ku bantu, olw'ekisuubizo kya Katonda, kati ggwe ndaga ekisuubizo kya Katonda na ddi abantu lwe kyabavaako. Olaba, ekyo bw'oba tosobola kukiraga mu Kigambo, awo—awo byerabire, olaba," ne ŋŋamba nti, "kubanga gukyagenda mu maaso."

99 Talina kye yayogera okumala eddakiika entonotono. Kye nnava ŋŋamba nti, "Kale, kati, ow'oluganda, njagala nkubuuze kino. Peetero yayanjula obubaka bw'ekitume, ku Lunaku lwa Pentekoote. Era ffenna tukimanyi nti ekyo kituufu, kubanga yalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, Yesu bye yali yamuwa. Kati wekkaanye bye yayogera. Yagamba nti, 'Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, era munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo bonna abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita.' Kati bwe waba waliwo we yabuggyirawo, olwo kiki ekyaddirira ku bigambo bya Peetero bye yayogera ku lunaku lwa Pentekoote?" Okiraba? Nedda, tebukomanga!

Ayi Omwana gw'endiga, Omusaayi Gwo ogw'omuwendo
Teguliggwamu Maanyi gaagwo,
Okutuusa Ekkanisa ya Katonda ennunule yonna
Lw'erilokolebwa, obutaddayo kwonoona nate.

Kale mu luyimba olw'ekitiibwa, oluwoomerevu,
nnaayimbanga Amaanyi Go agalokola,
Okutuusa olulimi luno olwogeza ekirimi, olunanaagira
lwe luligalamizibwa mu ntaana nga terukyayogera.

100 Ai Katonda nnyamba okukkiriza Ekyo era nkinywerereko, naffe ffenna, era tuyimirire nakyo, kubanga ge Mazima g'Enjiri! Yee, ssebo.

101 Omusajja omugezi tasaanidde kutunulira bintu bino. Era alina okukimanya nti tebikola. Tebikolangako. Enkola y'ekibiina ky'eddiini n'enkola ekulemberwa omuntu tebirikola mu Kubeerawo kwa Katonda. Kirina kujja, nga tekijunguluddwa, okuva ewa Katonda. Katonda takikozesangako, tewaliiwo mulundi gwonna Katonda lwe yali akozesezzaako enkola ey'ekika ekyo. Kati mmwe, ha, mufuna bammemba n'ebintu nga ebyo. Naye ntegeeza ensigo ya Katonda eya nnamaddala, Omukisa nga ogwakka ku Lunaku lwa Pentekoote, teguyita mu kibiina kya buntu; guyita mu kuzaalibwa, kuzaalibwa mulundi gwa kubiri.

102 Tuyitibwa okutwala Isiraeri nga—nga eky'okulabirako, nga bwe babaddenga eky'okulabirako. Weetegereze, "Bamuvuddeko Oyo, ensulo yaabwe eyabaweebwa, ne beesimira ttanka ez'omu ttaka." Osobola okukubamu akafaananyi e—e—e—ekintu nga kino, nga omusajja ali ku luzzi olw'ensulo, anywa, ate n'ayagala yeesimire ttanka ey'omu ttaka, okiraba, okunywa mw'eyo? Kati nno ekyo nnabbi kye yayogerako, Ekigambo kya Katonda ekyo kye kyagamba. Ky'ekyo Katonda kye yagamba nnabbi. "Munjabulidde Nze ne—ne munvaako Nze, Ensulo ey'amazzi amalamu; ne mwesimira ttanka z'omu ttaka, eziwomoggose, era zitonnya."

103 Mulabeeyo, ekintu kino, baali baagala ekintu kye basobola okufuga, oba kye basobola okulaga nti be bakikoze. Obwo bwe—bwe bukyamu bw'eddiini ekulemberwa omuntu. Bulijjo babeera mu kugezaako, bateekwa okuba nga bakirinamu omukono nga bo. Bateekwa okuba n'enkola zino ez'enjawulo n'ebibiina eby'enjawulo, n'ebintu ebirala nga, "Nze ndi mmemba wa *kino* kati." Mu kifo ky'okubeera abaana ba Katonda abeetowaze, baagala babeeko ne kye balagawo. Mu kifo ky'okuleka Katonda n'akikola mu ngeri Ye, bo baagala bakikole mu ngeri yaabwe. Era bwe zityo enkola ezo awo we zituusizza ekkanisa leero. Si. . . Buli nkola, emu eyagala kikolebwe mu ngeri *eno*, endala eyagala kikolebwe mu ngeri *eri*. Bw'oba Mumesodisiti, oteekwa kukikola *bw'oti*. Omubaputisiti, *bw'oti*. Omupulesibeteriyani, Omukatuliki, n'endala zonna, zonna zirina enkola yaazo. Ekyo ssikirinaako buzibu, naye ekyo si kye njogerako.

104 Omuntu nga omuntu ayagala kikolebwe mu ngeri ye, nga ate ne Katonda alina engeri Ye gy'ayagala kikolebwemu. Era Agamba nti, "Mwekutte ku nkola yammwe, eya ttanka y'omu ttaka ewomoggose; era mugaanye okukkiriza ekkubo Lyange, ekkubo ery'Obulamu."

105 Era ekyo kye kintu kye kimu nga bwe kiri leero. Tekikyukangako yadde. Kirowoozeeko bwe kiri eky'obusiru omuntu okuva ku luzzi olw'ensulo olw'amazzi amalongoofu nga gafubutukayo, ate n'ayagala agende ku ttanka y'omu ttaka ewomoggose gye yeesimidde, ne yeesimira ttanka y'omu ttaka, kacica oyo yenna ali waggulu ku kiyumba ky'ebisolo

n'agikulukutiramu, bw'amala n'anywa ku ago. Awatali kubuusabuusa omuntu oyo abaako ekikyamu ku bwongo.

106 Era omuntu bwe yeekwata ku—ku nzivuunula y'Ebyawandiikibwa ey'entegeera y'ekinnaddiini, mu kifo ky'okukkiriza Omwoyo Omutukuvu akakasa Ebyawandiikibwa n'abifuula bya nnamaddala gy'oli, wabaawo ekikyamu mu mwoyo ku muntu oyo. Mazima ddala ekyo kituufu. Mazima, Omwoyo Omutukuvu! Buli omu alina engeri gy'ataputamu Bayibuli ye, engeri ggwe gy'olowooza nti ye ntuufu. Katonda teyetaaga omuyambeko. Katonda teyetaaga nzivuunula yo.

107 Katonda ye yevvuunulira Ebibye. Katonda akola okuvvuunula mu ngeri Ye—mu ngeri Ye gy'agamba okukukolamu. Mukama yagamba ku Lubereberye nti, "Leka wabeewo ekitangaala," era ne wabaawo ekitangaala. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna. Ky'ekyo Katonda kye yakola. Yagamba nti, "embeerera eriba olubuto," n'eba. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna. Yagamba nti "Alifuka Omwoyo We ku bonna abalina omubiri," yakikola. Tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna. Katonda Ekigambo Kye akyevvuunulira Ye kennyini nga akikakasa, n'okukyolesa, n'okukikakasa.

108 Bw'atyo nnabbi bwe yakakasibwanga nti wa Katonda. Yagamba nti, "Bwe wabangawo omuntu mu mmwe, ow'omwoyo oba nnabbi, Nze Mukama ndyeyolekanga gy'ali okuyita mu kwolesebwa, era ne njogera naye okuyita mu birooto. Era ky'ayogera bwe kituukirira, awo mumutye; naye bwe kitatuukirira, temumutya."

109 Kye kintu kye kimu Katonda bw'ayogera Ekigambo Kye, omuntu n'agamba nti, "Ekigambo kye *Kino*," era ne kibaawo bwe kityo, olwo Katonda y'aba akikola.

110 Naye bw'agamba nti, "Kiri bwe *kiti*, naye ebiro byakyo byayita," kati ekyo kiggyawo. . . Awo aba agolodde omukono gwe, eri abaana abalumwa enjala, nga gulimu omugaati, ate oluvannyuma n'agubaggyako; ate nga bayala. Kiki ekikunywesa ku ttanka y'omu ttaka nga oluzzi luno olw'ensulo weeruli?

111 Ensulo y'Obulamu kye kiki kati? Ensulo y'Obulamu kye kiki, ensulo y'Amazzi amalamu? Tuyinza okugigeraageranya, ku luzzi olw'ensulo.

112 Kati njagala mwetegereze enjawulo wakati wa ttanka y'omu ttaka n'ensulo y'amazzi amalamu; oluzzi olw'ensulo, ne ttanka y'omu ttaka enkadde eyawomoggoka ejjuddemu ebiwuka, eminya, ebikere, obuwuka obuleeta endwadde, n'ebirala, mukiraba.

113 Nga ate wano waliwo oluzzi olw'ensulo. Kati mwekkaanye kino. Lwebeezaawo lwokka. Tewetaaga kubaako nteekateeka nnene z'ofuna kusobola kuluteekamu mudidi gwa nsimbi. Tewetaaga kulugattako bammemba bayitirivu. Lwo lubeezaawo

bammemba baalwo, ku bw'Omwoyo w'Obulamu ababeeramu, nga akola.

114 Weetegereze amazzi agaluvaamu, gaba malungi, malongoofu era mayonjo. Ekyo tekiri ku ttanka ya mu ttaka, yo eba kintu ekyalegamira mu kifo kimu ekyawagikibwamu endowooza nga amakumi ana, oba ataano ez'enjawulo, ezigamba mbu, "*Kino* kye kituufu, na *kiri* kituufu, n'endowooza *eno*," olwo ne babikubako akalulu ne balonda, era bwe bakikola, olwo ne bakikolamu ekibiina ky'eddiini. Lwo Kigambo kya Katonda ekirongoofu era ekiyonjo, ekitajunguluddwa, nga kiviira ddala mu mukono gwa Katonda. Luba luzzi lwennyini ddala olw'ensulo.

115 Mwetegereze, ekyama ky'amaanyi gaalwo kiri mu lwo lwennyini. Omuntu tasobola kukizuula. Wabaawo amaanyi agapika, okuva wansi waalwo, agaluleetera okusindika waggulu.

116 Nzijukira, bwe nnali, bwe nnali nkyakuuma ekifo awakuumirwa ebisolo mu Indiana, nnina we nnayitanga, mu Ssaza lye Harrison, ku luzzi olumu, ensulo. Eyabeeranga evulula buli kiseera. Era, ha, nga gy'oli nti y'esingayo obusanyufu. Omuzira ne bwe gwagwanga, bbalaafu n'akwata, obudde ne bunnyogoga okukamala, yo yasigalanga evulula; nga ebidiba ne ttanka ebyakolebwa abantu, bijjuddemu ebikere na buli kimu, nga biri eyo bikutte bbalaafu, byonna.

117 Era ekyo kiraga nti ekibiina ky'eddiini kyonna, ssinga Omwoyo avaawokko katono oba embeera n'ekyuka, kyonna kiba kijja kukwata bbalaafu. Naye oluzzi lwa Katonda olw'ensulo, Ye—Ye abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, lwo lusigala luvulula nga bwe lubisindika byonna okuluvaamu. Ate n'okubaamu tebibaamu, okusooka kwa byonna. Naye ssinga wabaawo ekintu kyonna ekirugwamu, lukisindika mangu ne kifuluma.

118 Ekintu ekyo kyali kivulula bwe kityo, ne ŋŋamba, lumu ne ntuula awo, ne ndowozaamu nti, "Nzikiriza ŋŋenda kwogerako n'oluzzi luno, okumala akaseera." Ne nzigyako enkofiira yange, ne ŋŋamba nti, "Kiki ekikusanyudde? Kiki ekikuleetera okubeera nga ovulula amazzi? Kyandiba nti lwa kuba empeewo zijja ne zikunywako, obw'olumu."

Ssinga lwali lusobola okwogera, lwandigambye nti, "Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Oba oli awo lwa kuba nkunywako."

"Nedda, si ky'ekyo."

119 Ne ŋŋamba nti, "Kale, kati kiki ekikufuula omulongoofu ennyo, era omuyonjo ddala? Kati kiki—kiki ekyo ekivulula, ekyo ekikuleetera okuvulula, nga wenna ojudde essanyu ekiseera kyonna, okutuusa nti tewali kisobola kukukwasa bbalaafu?

Owandula amazzi mu bbanga, ate nga amazzi ago, gonna mayonjo."

120 Ssinga lwali lusobola okwogera gyendi, mumanyi oluzzi olwo kye lwandigambye? Lwandigambye nti, "Ow'oluganda Branham, si nze nvulula, waliwo ekintu emabega wange, kye kivulula." Era bwe kityo bwe kiri n'eri . . . Ekyo si kye kigambo ekirungi okukozesa, naye mumanyi kye ntegeeza.

121 Era bwe kityo bwe kiri n'obumanyirivu obw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Obeera tosobola kukyebeera. Munda mu ggwe luba lu—luzzi olw'amazzi, nga lukulukuta okutuuka mu Bulamu obutaggwaawo. Okiraba, lubaako eky'enjawulo, ky'otalinaako kakwate yadde n'akatono. Ttanka ezaakolebwa abantu zisobola okukwata bbalaafu, ne zeegayirira okufuna okudda obuggya na buli kimu; naye eri omuntu ali wansi w'Ensulo eyo, abeera mu Nsulo eyo, kubaawo misana na kiro! Nedda, tewetaaga kulindirira nkuba kutonnya mu kitundu oba kubaawo kudda buggya mu kitundu. Ebeera ekujjuddemu. "Ndimuwa ensulo ey'Obulamu, munda mu ye, ekulukuta." Wabaawo eky'enjawulo mu Yo, ekibeera ekiggya buli lunaku, nga kirongoofu era kiyonjo. Kiba Kigambo kya Katonda ekitajunguluddwa mu mutima ne mu kamwa ko, nga kyekakasa, nga kyeyogerera ku bwakyo. Ssifaayo enkuba ne bw'eba etonnya, ne bwe waba waliyo omuzira, embeera y'obudde ne bw'ebeera etya, osigala oli musanyufu kubanga Omwoyo Omutukuvu mwali munda avulula. Gaba Maanyi amakusike. Weetegereze. O, ekyama kyalwo kiruli munda.

122 Lwewaayo, kyeyagalire, eri buli ayagala okunywa n'okukozesa ku bye lulina. Kati tosalawo, n'ogamba nti, "Kale, kati nnina kugenda mu kkanisa ya Bamesodisiti okusobola okufuna okudda obuggya, kubanga ndi Mumesodisiti. Nnandigenze *wano*, naye (olw'okuba) nnina kugenda mu Bapentekoote kubanga ndi mubuulizi wa kudda buggya Omupentekoote." Leka nkubuulire, oluzzi olwo olw'Amazzi bw'olufuna nga lukulukuta, okuva ku Nsulo eyo, bw'oginywako, tewaba njawulo, owa buli kyonna ekijja. Obeera mwetegefu okuwa essuubi ery'Obulamu eri Omukatuliki, eri Omupulotesitanti, eri Omuyudaaya, eri oyo atakkiririza mu Katonda, oba omulala yenna. Munda ddala, mu ggwe mubeeramu Ekintu ekiba kikikola.

123 Bwe weetegereza ekintu ekirala ku lwo, amazzi gaalwo tekikwetaagisa kugasunda. Tekikwetaagisa kugasikayo wansi, na kugasunda kuggya waggulu. Ndabye bingi ebiringa ebyo ne bituuka n'okundwaza, okubaako ekintu ky'osunda; okubaako ennyimba ezikubibwa, n'okubuukabuuka, oba—oba okubaako ebitabo eby'ekitalo ebiwandiikibwa ne bifulumizibwa mu kibuga, n'ebipande ebinene eby'amaanyi ebigamba nti, "Ono ye musajja ow'ekiseera kyaffe."

124 Waliwo Omusajja ow'ekiseera kyaffe omu yekka, era oyo ye Yesu Kristo, Oyo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Waliwo Omubaka omu yekka okuva ewa Katonda, era oyo—oyo ye Yesu Kristo. Yee, ssebo.

125 Kino tekikwetaagisa kukisundasunda, oba kukisika kukka wansi. Oba, nedda, tekikwetaagisa na kukyegattako. Okikkiriza bukkiriza, kyeyagalire. Amiina. "Nze Nsulo ey'Amazzi amalamu; mwanvaako, ne mugenda mwekolerayo ttanka." Kati tekikwetaagisa kulusundasunda, kulusundasunda, kulusika, kulwegattako, kulusima, oba ekirala kyonna. Olina kulunywako bunywi, awatali kukakibwa.

126 N'okwetaaga, tewetaaga njigiriza ya ddiini yonna eyagunjibwa omuntu kukola nga kiwero kisengejja, okukubuulira ekirina okukiyitamu, kiki kye kyali kikoze. Tolina kye weetaaga. Enjigiriza z'eby'eddiini eziva mu nkola y'ebyenjigiriza emu, eddiini ey'obutuukirivu bwe weekolera mu *kino*, mu *kino*, oba ttanka y'omu ttaka emu ey'enkola y'ekibiina ky'eddiini; togyetaaga. Teyeetaagisa. Olwo ssinga oluteekako ekiwero, lujja kukikasuka waggulu eri mu bbanga. Terulina kakwate nakyo yadde n'akatono. Lwemalirira! Gali Maanyi ga Katonda agakulukuta okutuuka mu Bulamu. Ensonga eyinza okuleetera omuntu okuva ku kintu nga Ekyo, okwegatta ku nkola ey'obuntu, sisobola na kugitegeera. Terwetaaga biwero byonna bisengejja. Terubyetaaga. Terwetaaga ku-. . . tweretaaga kulindirira nkuba kutonnya mu kitundu okusobola okujjulamu amazzi. Ekiseera kyonna luba lujjudde. Amiina.

127 Omusajja, mbawulira nga bagamba mbu, "Olwa leero ndi wansi." Ha, bannange!

128 O, ndi musanyufu okubeera mu Kubeerawo kwa Katonda, oba ebintu bitambula bulungi oba tebitambula bulungi. Ye Bulamu bwange. Amiina. Ye Bulamu bwaffe. Ye ye Bulamu, Obulamu mu bujjuvu. Yee, ssebo. Era—era mulabe kye lutukolera. Amaanyi gaalwo n'obulongoofu biri mu Lwo munda. Terwetaaga kujjuzibwa mazzi kuva ku ttanka ya mu ttaka oba enkola endala yonna.

129 Omuntu ayinza okugamba nti, "Kati, olina kaadi ya kkanisa ki mw'okuŋŋaanira? Leka tulabe oba nga ddala oli Mubaputisiti yennyini. Njagala ndabe oba nga ddala olina kaadi." Oba—oba, ". . . Omupentekoote yennyini ddala . . . oba okkiririza mu b'Obumu . . . Obubiri . . . Obusatu." Oba—oba ". . . abalala bonna." Okiraba, Lwo terwetaaga kujjuzibwamu mazzi yadde. Lubeera lukulukuta buli kaseera. Weewaawo.

130 Omanyi, nnateranga okuba ne ttanka y'omu ttaka eno, nnalina okuyiwangamu amazzi ne ngijjuza ne ngijjuza ne ngijjuza, nga nkozesa bbomba eno esika amazzi, okusobola okugajjayo eri; omanyi, nga nsooka ne ngiyiwamukko amazzi, ne ngiwa obuwuka n'ebintu ebirala ebigibaddemu, okujjamu

obuwuka n'ebirala bwe bityo. Kyenkana n'okudda obuggya kuno okutegeke obutegesi bwe kutyo bwe kuli.

131 Naye, Katonda yeebazibwe, "Waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi, abonoonyi mwe bebbika mu mugga ogwo!" Tobafuula bammemba ba kkanisa; wabula obafuula Bakristayo bwe bajja eri Ensulo eyo.

132 Nsonga ki eyandikuggye ku Nsulo ey'amazzi amalamu, okugenda okunywa ku kidiba kya kazambi ekifaanana kityo?

133 Tewali kusundasunda kwetaagisa; amaanyi gaayo gali munda mu Yo. Teyetaaga kusooka kujjuzibwaamu mazzi, yee, ssebo, kubanga (Yo ku bwayo) Obulamu bwayo buli mu Yo mwennyini. Bwe kityo mu ngeri y'emu n'ensigo ya Katonda bw'ebeera mu mutima gw'omuntu. Obulamu bwa Katonda buli munda mu muntu ssekinnoomu, so si mu kkanisa. Mu ggwe, eri mu ggwe, ggwe alimu akatofaali ak'Obulamu mu ggwe.

134 Okulegako obulezi ku Yo omulundi gumu gwokka kimatiza eri abakulembeze b'eddiini aba buli kika. Ggwe buuza omusosodooti Omukatuliki, buuza Omubaputisiti, buuza yenna gw'osanze. Okulegako kumu kwokka ku mazzi gano amalungi ag'oluzzi olw'ensulo, mbabuulira, kumatiza nti Ge Mazima. Emmeeme yo erumwa enjala, naye ndaba, era lumatiza eri oyo alumwa ennyonta, yekka. Kati ggwe bw'oba tolina nnyonta . . . Omubaputisiti ono bambi, teyalina nnyonta, okusooka; naye bwe yalumwa ennyonta, amazzi gaali gawooma okukamala. Bwe kiri, naye olina okulumwa ennyonta, "ennyonta ey'omukisa," nga Yesu bwe yakiyita. "Mulina omukisa bwe mulumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukirivu, kubanga mulijjuzibwa." Amiina. Ekyo Yesu ye yakyogera, ab'emikwano. Yee, ssebo, Nsulo ya mukisa eri oyo alumwa ennyonta.

135 Nsonga ki eyinza okuleetera omuntu yenna okugiwaanyisaamu n'olutobazzi? Oyinza otya okwagala okuwaanyisa oluzzi olw'ensulo n'amazzi g'olutobazzi, agajjuddemu obuwuka n'empitambi eza buli ngeri ez'enjigiriza z'eddiini ezagunjibwa abantu, nga Katonda yagamba nti, "Agattako yadde ekimu bwe kiti ku Kigambo Kye, oba n'aggyako ekimu ku Bigambo Bye, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu"?

136 Nga Katonda yasuubiza nti Alikakasa Ekigambo kino mu buli mulembe, "Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'abaana bammwe, n'abo bonna abali ewala, abo bonna Mukama Katonda waffe baaliyita," kiki ekikutwala okusunda amazzi okuva ku bbomba ey'enkola y'omuntu eyonooneddwa okumala emyaka n'emyaka, ku mmaanu enkadde? Emmaanu eyinza okuba yali nnungi, nga terina mutawaana gwonna, mu biro bya Martin Luther, mu biro bya *kino* n'ebiro bya *kiri*, n'abaddaabuluzi abalala, nga terina mutawaana gwonna; naye eyo mmaanu eyakka ekiseera kinene nnyo ekiyise.

137 Bwe twetegereza mu Bayibuli, baalina okugironda buli lunaku. Baalina kufunanga nsu. Bwe yalwangawo, nga evunda. Tesobola kuvunda nga tegaze. Erina okubaamu n'obuwuka munda, oba ekintu eki—ekigireetera okuvunda. Ekyo tukimanyi nti bwe kityo bwe kiri.

138 N'enkola z'obuntu bwe ziri! Bw'erwaawo okuva ku kudda obuggya okumu okutuuka ku kulala, nga eyonooneka nga yonna ejjulamu obuwuka, nga ttanka y'omu ttaka ejjuddemu obukulwe, nga bwe twabuyitanga, obuwuka obutono obwenyogootolerangamu.

139 Era ogwo gwe mutawaana oguli ku bumanyirivu bw'abantu bangi ennaku zino. Bu—bujjuddemu bukulwe bwereere, nga benyogootola bava mu kimu bwe badda mu kirala, bava mu kimu bwe badda mu kirala, nga bwe bagereesa ebitaliimu Mazima yadde n'akatono. Bwe kiri, beenyogootola bwe bava mu kimu ne badda mu kirala. "Nnali Mumesodisiti; ne nneegatta ku Babaputisiti. Nnali Mukatuliki; ne ŋŋenda mu *kino*. Ne ŋŋenda mu *kiri*." Bukulwe bwereere bwe bwenyogootola.

140 O, ekintu kyonna kyerabire, ojje eri Ensulo (Amiina!), Oluzzi olw'ensulo, Okubeerawo kwa Kristo okubeerawo bulijjo! Mmukkiriza okuba nti Ye Nsulo eyo ey'Obulamu etakalira. Gy'okoma okumunywako, gye kyeeyongera okubeera ekiggya, era gye kyeyongera okubeera ekiweweevu, era gye kyeyongera okubeera ekirungi, era gye kyeyongera okubeera ekiwoomu. Mmaze kati emyaka asatu mu esatu nga mmuweereza, era buli lunaku olukya yeeyongera kubeera muwoomu okusinga bwe yabadde olunaku olwayise. Ssibeerangako . . . Yagamba toliddamu kulumwa nnyonta ssinga tunywa ku Mazzi gano. Weetegereze nga bwe Gali ag'ekitalo. Ha!

141 Isiraeri baakola nga bangi bwe bakola ennaku zino, baaleka ensulo ey'amazzi amalamu, ne bagenda okwesimira ttanka ez'omu ttaka.

142 Kati ka twogere ku kisa okumala akaseera katonotono, ekisa kya Katonda kye kitegeeza. Tulina amateeka agafuga n'amateeka agabagibwa oluvannyuma, "Bw'olema okutuukana n'omutindo guno . . . nnina olupimo lw'obunnaddiini; bw'olema okutuukana nalwo, oteekwa okutuukana nalwo, bwe kitaba ekyo tosobola kuyingira," n'ebirala bwe bityo. Naye Katonda ye atulokola lwa kisa, so si lwa lupimo lwonna. Mukiraba? Naye ye Katonda, bw'oyogera ku kisa kati, kino we kyabeererawo, baali banywa ku Ye, okuva ku kipimo kino . . .

143 Okwemulugunya, Isiraeri eyeemulugunya. Mwekkaanye, yagamba nti, "Era ndibakyalira nate." Weetegereze mu Byawandiikibwa. Weetegereze, agenda kubagezesa, addemu abakyalire nate. Isiraeri abeemulugunya, ku Nnyanja Emmyufu, baali baayanirizibwa okumugoberera okuyita mu mazzi ga Misiri agaali gatakulukuta, okusobola okubeera abantu

ab'eddembe. Baali baddu. Ne baanirizibwa okubeera ab'eddembe, wamu naye. Bafulume okuyita mu Nnyanja Enfu, Ennyanja Enfu; Ennyanja Emyufu, manya, bayite omwo, okugenda mu ddungu, okuleetawo okwawukana wakati waabwe na bali abageegeenya abaali bagezaako okukigeegeenya, awatali kukomolebwa.

144 Ha, ekyo kye kyaleeta omutawaana. Buli omu ku bo yazikirira mu ddu-. . ., manya, mu—mu nnyanja, Falaawo n'eggye lye. Baalaba abantu nga batambula olw'Amaanyi agatali ga bulijjo, nabo ne bajja bakigeegeenye, nga ate mu mukisa tebaalimu. Era bwe baakikola, ne bazikirira. Kuba kugeraageranya bintu mu mubiri.

145 Omuntu yenna agezaako okukola ekyo, agezaako okubaako ne ky'ageegeenya, abeera mu mubiri nga yegeraageranya n'Omukristayo owa nnamaddala.

146 Muganda wange Omuyindi akimanyi ekyo. Ggwe gendako mu Bombay ojja kulaba abantu baayo, Abahindu n'abalala, bwe bagalamira ku nkato ne ku. . .ne batambulira ku birawuli ebyatise ne—ne batambulira ne mu muliro, okulaga kye basobola okukola, n'ebintu ebifaananako. . .Okwo kuba kubeera mu mubiri n'ogeegeenya omuntu omu ali eyo mu kibira, akola ebintu ebyo nga ssaddaaka eri lubaale we.

147 Ebyo tubisanga mu nzikiriza zonna ez'eddiini, okugeegeenya ebintu mu mubiri, nga omuntu agezaako okukoppa omulala. Waliwo eky'okulabirako kimu kyokka ky'olina okufaanana, kwe kufaanana Yesu Kristo, Oyo eyali Kigambo. Bwe kityo n'Ekigambo kya Katonda bwe kinajja gy'oli, kijja kubeera mu ngeri y'emu.

148 Naye era, Katonda yamala n'abakulembera okugenda mu nsi ensuubize. Era, baakizuula, nti buli ttanka, bwe baayingira mu ddungu mu lugendo lwabwe kati, oluvannyuma lw'okwawukana, baakizuula nti buli ttanka yali nkalu, gye bali.

149 Naawe ojja kusisinkana ekintu kye kimu, muganda wange, bw'onaatandika olugendo luno okugenda mu Nsi ensuubize. Ojja kusanga enzigi nzigale. Nga omubuulizi oli omuto bwe yagamba, alabika yali mw'Angirikaani, oba kyonna kye yali, era, ekyabaawo mukimanyi, ekkanisa ye yamugoba. Mukiraba, kasita yafunayo ku bantu abafuna Omwoyo Omutukuvu, awo we kyakoma.

150 Era tu. . .ne Isiraeri baasisinkana ekintu kye kimu, nga eby'okulabirako, mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize. Ttanka zonna zaali nkalu. Weewaawo, mu lugendo lwabwe mu buwulize eri Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa, mu lugendo lwabwe, mu ttanka, baasanga temuli ttondo lya mazzi. Kati ne bakizuula nti ttanka—ttanka zaali tezikyasobola kubabeezaawo, mu lugendo.

151 Era ssinga oba wa kugenda ku lugendo nga ogondera Ekigambo kya Katonda, ate n'ogezaako okwegatta ku *kino* n'okwegatta ku *kiri,* ojja kukizuula nti tewali ttanka n'emu mu nsi esobola kukiwagira. Teri n'emu. Oli muntu omu. Katonda akukulembera nga Ye bw'ayagala okukulembera. Kaakano, tusisinkanye ekintu kye kimu n'olwa leero, era ttanka zonna nkalu.

152 Naye ebisuubizo, lubeerera biba bya mazima, eri Katonda Oyo anaakuuma ekisuubizo Kye eri abantu Be. Yasuubiza okusisinkana ebyetaago byabwe byonna, era ekyo kye yakola. Mu mbeera eyo nga ttanka zonna nkalu, teziriimu mazzi, kirowozeeko; nga Isiraeri beemulugunya, mu ddungu, mu lugendo lwabwe! Yayitayo omuweereza We era omukulembeze w'abantu, nnabbi Musa, n'amuzza ebbali, n'aggulawo ensulo ey'amazzi amalamu, okuva mu Lwazi olwakubibwa, abaana Be abakkiriza baleme okuzikirira.

153 Mu nnaku zino, ekyo kye kitegeeza ekisa, gyendi. Tetusaanira. Bye tukoze, engeri gye tweyisizzaamu mu bulamu bwaffe, tetusaanira.

154 Wabula Katonda, mu nnaku zino, okugeza mu kaseera kano kennyini enkya ya leero, mulabe, eri Abamesodisiti, Abapulesibeteriyani, Abakatuliki, n'abalala bonna, Agguddewo Ensulo. Abaebbulaniya 13 wakakasa kino, nti Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. N'olw'ekyo ki—kino kikireetera okuba eky'amazima, ekiri mu Yokaana 3:16 nti, "Kubanga Katonda bwatyo bwe yayagala ensi, n'okuwaayo n'awaayo Omwana We eyazaalibwa omu yekka, buli amukkiriza aleme okubula, wabula abeere n'Obulamu obutaggwaawo."

155 Era gwawanikibwa olw'ensonga ezitali zimu, kuba abantu baali beemulugunya era nga boonoona, era baali balumiddwa emisota era nga bafa; n'olw'okusonyiyibwa kw'ebibi byabwe, n'okuwonyezebwa kw'endwadde zaabwe.

156 Era eyo ye Nsulo y'emu naffe etugguliddwawo leero, olw'obulokozi bwaffe n'olw'okuwonyezebwa kwaffe, okuwonyezebwa okw'omubiri. "Kubanga abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

157 Era Olwazi olwakubibwa nga Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa, bwe kyali kiragidde, lwavaamu ensulo z'amazzi amalongoofu amayonjo; so si—so si mazzi agaalegama, amakyafu, wabula Okubeerawo kwa Katonda Mwene. Amazzi amalongoofu, era ne galokola bonna abaaganywangako. Kati tukimanyi nti ekyo bwe kityo bwe kyali, kubanga tukisoma mu Ndagaano Enkadde, nga eky'okulabirako.

158 Kati, kyali tekikwetaagisa kugisika, kugisunda, kugyegattako, kugenda mu ttendekero lya bya ddiini kuyiga ngeri ya kugikozesaamu. Eyo bajja kukubuulira engeri ey'okugikozesaamu, olaba nti, "Ha, kati, ggwe, nga bw'ofunye

Omwoyo Omutukuvu, ekyo naffe tukikkiriza, naye kati olina—olina kukikola *bw'oti*."

159 Naye, mulaba, tewali ngeri gy'oyinza kukifugamu. Omwoyo Omutukuvu si ye ggwe amukozesa; Omwoyo Omutukuvu y'akukozesa, mukiraba. Mukiraba, si ggwe, si ggwe alina okukozesa Omwoyo Omutukuvu; Omwoyo Omutukuvu y'aba akufuga. Ekirabo si kye kintu ky'okwata, nga bw'okwata akaso, n'okasongoza ekkalaamu. Kuba kwewaayo eri Katonda, ne wejja mu kkubo Omwoyo Omutukuvu asobole okukukozesa.

160 Mwetegereze, kyali tekibeetaagisa kugisunda oba kugisika, era kyali tekibeetaagisa kubuuza mbu, "Kati amazzi gano tugakozesa tutya?" Kubanga, baali bamanyi engeri ey'okugakozesaamu. Baali bayonta. Eky'okugakozesa baali bakimanyi.

161 Era bwe kityo bwe kiri eri omusajja oba omukazi, oba, ne bw'aba ava mu kiyiiye ki oba kibiina kya ddiini ki. Bw'aba alumwa ennyonta ku lwa Katonda, tekimwetaagisa kudduka kuddayo mu ttendekero lya ddiini, nga ow'oluganda ono omw'Angirikaani bwe yakola, oba ow'oluganda Omungereza, ekiro ekyayise, eyalina okusooka okuddayo yeebuuze, mu kkanisa y'Abangirikaani engeri gy'alina okukozesaamu ekirabo kino eky'ekitalo ky'alina, okwogera mu nnimi, n'engeri *kino* gy'alina okukikolamu. Babeera bajja kumugoberawo, mu bwangu ddala. Mukiraba? Yali muyonta, Katonda kye yava amujjuza. Kye kyokka. Ekikulu kulumwa nnyonta, awo Ye n'akujjuza.

162 Tekikwetaagisa kubaako na ngeri ya kukikozesaamu, oba muntu yenna kukugamba ky'olina kukikozesa. Katonda buli muntu amukulembera mu—mu ngeri Ye gy'ayagala okumukulemberamu. Oli mu—muntu eyeetongodde, ku bubwo. Oli kitundu ku Katonda. Tewali asobola kutwala kifo kyo. Era tewali ngeri gy'oyinza kugendamu eri muntu mulala, n'ogamba nti kati, "kigenda kunneetaagisa okukikozesa *kino*," oba nnina "kukikozesa *kiri*." Nedda, ssebo. Katonda akikozesa mu ngeri Ye gy'a—gy'ayagala okukikozesaamu. Bw'olumwa ennyonta, omanya kyenkana wa kye weetaaga okunywa.

163 Era bw'oba oli muyonta enkya ya leero, ginyweko, kye kyokka kye weetaaga okukola. Katonda yali ataddewo obugabirizi eri ennyonta yaabwe, abaana abalumwa ennyonta okusobola okunywa ku Ye ku bwereere. Era Katonda ataddewo obugabirizi enkya ya leero eri buli musajja na buli mukazi, alumwa enjala n'ennyonta. Oba oli awo wano waliwo abantu abatalokokanga. Wano waliwo abantu abali ku ndeboolebo y'okulokoka.

164 Waliwo abantu wano, abatudde wano nga bammemba b'ekkanisa, nga mwandyagadde okukola ebisaanidde, naye nga munywa mu ttanka. Amazima gano tebaligababuulira.

165 Ekintu kiri kimu kyokka, kwe kujja, kwe kutwala ekisuubizo kya Katonda ojje ku Nsulo eyo, awo naye anaawonya ennyonta. "Oyo yenna anywa ku Nsulo eno taliddamu kulumwa nnyonta."

166 Mwetegereze kati engeri—engeri gye yasumululamu abo ababe—ababe abakkiriza amazzi gano, olw'ekisa, so si olw'enkola ey'obuntu oba ekidiba ky'obuyigirize. Akakasa Ekigambo Kye, nsulo ya Bulamu. Wano bameka nga okimanyi nti wafuna Obulamu bwe wakkiriza Ekigambo ekyo n'amazzi Ge, nga wakitegeera nti wafuna Obulamu?

167 Leka tulabeyo, kati, okugeza, eky'okulabirako ekirala kimu kyokka, oba bibiri, n'oluvannyuma mmalirize mu kaseera katono. Nda—ndabika akapeesa kali nnina we nnakatadde. Naye mulabe. Nneyongera bweyongezi kwogera, naye ssikigenderera. Mulabeeyo, leka tubeeko eby'okulabirako ebirala bye tulaba, abantu nga baabo.

168 Leka tulabe ku mukazi eyali ku luzzi lwa Yakobo, oluzzi olwasimwa. Wuuyo nga atudde awo. Ekyo kyokka omukazi ono kye yali amanyi, lwali luzzi luno kwe yajjanga okusena amazzi. Kati awo ku mabbali g'oluzzi, mu kabanga akaali keesuddewo, yasangawo Omusajja eyali atuddewo, nga Muyudaaya. Ate ye omukazi yali Musamaliya, kyali kibuga ky'e Sukali. Era tukiraba nti Omusajja ono, Omuyudaaya ono, yayogera Ekigambo ekitaali kya bulijjo eri omukazi ono, n'agamba nti, "Ndeetera ku mazzi nnyweko."

169 Awo omukazi n'agamba nti, "Waliwo okusosola mu mawanga gaffe. Teki—tekisaanidde Ggwe kumbuuza kibuuzo bwe kityo; Oli Muyudaaya, ate nze ndi Musamaliya."

170 N'agamba nti, "Naye ssinga obadde omanyi Ani gw'oyogera naye, ggwe wandisabye Nze amazzi, era nnandikuwadde amazzi n'otaddayo kujja ku luzzi luno kunywa gano; wandibaddewo oluzzi olw'amazzi olukulukutira mu ggwe." Mwetegereze bwe yakizuula nti gano ge Mazima!

171 Kati, ekisooka, ekyo omusajja yenna yali asobola okukyogera. Naye omukazi n'agamba nti, "Mugamba nti okusinza kulina kubeera mu Yerusaalemi, ate nga ffe tusinziza ku lusozi luno."

172 Ye n'agamba nti, "Obulokozi bwa Bayudaaya. Ffe kye tukkiriza tukimanyi. Naye," n'agamba nti, "leka mbeeko ne kye nkutegeeza," mu bigambo bino bwe biti nti, "si mu lusozi luno newankubadde e Yerusaalemi. Kubanga ekiseera kijja omuntu w'anaasinziza Katonda mu Mwoyo ne mu Mazima, kubanga Kitaffe abali nga abo b'anoonya." N'agamba nti, "Genda okime balo mujje wano." Mwetegereze, wano waakikakasa. Wano waalaga ekika ky'ensulo gye yaliko. N'agamba nti, "Genda okime balo mujje wano."

Omukazi n'agamba nti, "Ssirina musajja yenna."

173 Ye n'amugamba nti, "Ago oyogedde mazima." Mukiraba, kyalabika nga ekyali kikontanira ddala n'ekyo kye yali amubuuzizza, nga agamba nti, "Genda okime balo."

N'addamu nti, "Ssirina musajja."

174 N'agamba nti, "Ago oyogedde mazima." N'agamba nti, "Kubanga wakabeera na bataano, era ne gw'oli naye kati naye si wuwo."

175 Wekkaanye omukazi oyo, nga yali ayawukana ku bakabona b'ekiseera ekyo! Bakabona b'ekiseera ekyo baalaba ekintu ekyo kye kimu nga kikolebwa, ne bagamba nti, "Oyo ssetaani, okwo kusoma birowoozo, oba—oba oyo Beruzebuli." Mukiraba, baalemwa okulaba nti Ekigambo kyali kisuubiza ekintu ekyo.

176 Naye mukazi wattu ono yali amanyi bulungi nnyo Ebyawandiikibwa n'okusinga kabona yenna. Omukazi n'agamba nti, "Ssebo, ndaba nga Oli nnabbi. Tubadde tetulina n'omu okumala ebbanga lya myaka bina, okuva mu Malaki. Naye," n'agamba nti, "tubaddeko ne gwe tulindirira, era tukimanyi nti waliwo Omu ajja, nga ye Masiya. Era bw'Alijja, bino by'Alikola."

Yesu n'agamba nti, "Ye Nze." Amiina.

177 Mukyetegerezza, akalobo ke yakaleka ku luzzi lwa Yakobo, n'adduka n'aserengeta emmanga mu kibuga; nga ajjudde oluzzi olw'ensulo mu ye! Omukazi yakirabira ddala nga kikakasiddwa, era Ye yali Ensulo eyo ey'Obulamu. Omukazi ono kammubanjulire. Kiri yakivaako; bwe yakakasibwa okuba Ekigambo eky'Obulamu. Yakivaako; era yali akizudde nti Olwazi lwe lumu, olwakubwa mu ddungu, lwali lukakasiddwa nti weeruli mu kaseera ako kennyini.

178 Leka ŋŋambe, nti Katonda y'omu eyali mu biro ebyayita, gwe twogerako ennyo, Waali wano mu kaseera kano kennyini; si kuyita mu ntegeera ya kinnaddiini, wabula okuyita mu muntu ku bubwe okutegeera okukakasibwa Kwe kwe yali ow'okufuka mu nnaku zino ez'oluvannyuma, Omwoyo Omutukuvu ku kkanisa Ye. Si Ye "Nnali." Akyali "NDI," mu kiseera eky'obuliwo, bulijjo.

179 Awo ttanka n'eba nga tekyagasa. Bwe kityo bwe kiba eri buli muntu agwa mu maanyi ga Katonda, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, enkola z'ebibiina by'amadiini ziba tezikyamuwoomera. Obeera tokyetaaga bikere ebyo, na minya, na biwuka ebyalegama, n'ebirala byonna. Obeera onywa ku Nsulo ennungi era ennongoofu, Ekigambo kya Katonda, nga kirungi buli ssaawa mu mmeeme yo. Kye kimu ne kaakano, nga Ekigambo kikakasiddwa okuba Amazima, legako olabe oba si bwe kiri.

180 Newankubadde nga ttanka y'omu ttaka yali ekoze bulungi, nga eweerezza bulungi mu kiseera kyayo; naye, olaba, kati Ensulo ey'Obulamu yali ezuuse, nga oluzzi lwa

Yakobo terukyetaagisa, ku lw'eky'okunywa eky'omwoyo. Bye baalowoozanga nti, bwe banaanywa ku luzzi olwo, byonna, bijja kuba biteredde; naye kati Ensulo ey'Obulamu yennyini yali etudde awo.

181 Kati tetwetaaga nkola za bantu na bibiina bya madiini bino bye tulina. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Era Katonda yasuubiza, mu biseera bino eby'enkomerero, ebintu by'Alikola. Era tubiraba nga bituukirizibwa, nga bwe biri mu Kigambo. Tuwulira omusajja munnamagye ow'amaanyi, bw'ayimirira, nga yenna akankana, nga agamba, nti, "Waliwo ekinaatera okubaawo." Tuwulira Omwoyo Omutukuvu nga atulabula nti waliwo ekinaatera okubaawo. Buli kimu tukiraba nga kitegekeddwa. Kati nno, yabulira enkola y'abantu eyo ojje eri Ensulo. Yee, ssebo.

182 Lwali lukoze omulimu gwalwo, naye ku mulundi guno omukazi yali agasimbaganye n'Ensulo Yennyini.

183 Mu Yokaana 7:37-38, Yesu yagamba mu nnaku ezisembayo ez'embaga y'ekkuŋŋaaniro (yagamba atya?), "Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta, ajje gyendi, anywe." Mu makkati ga bannaddiini wennyini! "Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta, ajje gyendi, anywe. Kubanga Ebyawandiikibwa bigambye nti, munda ddala mu ye munaakulukuta emigga gy'Amazzi amalamu."

184 Eyo ye Nsulo ennamu. Eyo ye Nsulo abantu gye baleseewo leero. Okutwala ebiyiiye, baleseewo Ensulo ey'Amazzi amalamu. Muleke mbanjule gy'Ali leero. Oyo, gyendi . . . Mmaliriza kati.

185 Oyo, gyendi, ye Nsulo eyataasa obulamu bwa Agali, n'omwana, bwe baali bafiira mu ddungu.

186 Nzikiriza nti Ye Lwazi olwo, mu Isaaya 32, Ye Lwazi olwo mu nsi ekooye. Ye kifo eky'okwekwekamu mu kiseera eky'omuyaga.

187 Zekkaliya 13, Ye Nsulo eyaggulwawo eri Ennyumba ya Dawudi, ku lw'ekibi. Mmukkiriza okuba ekyo. Temumukkiriza?

188 Mu Zabbuli 36:9, Ye nsulo y'Obulamu eri Dawudi. Ye Mazzi ga Dawudi amateefu, era omuddo omuto. Ye Mazzi g'omukagga, eri Dawudi.

189 Mu Lubereberye 17, Ye bbeere lya Ibulayimu kwe yayonka, El Shaddai. Naye obulamu bwe bwe bwali bumuweddemu, era ya . . . Katonda yagamba.

190 "Omusajja ow'emyaka kikumi, kino kinaabaawo kitya? Ndi mukadde, ne mukyala wange mukadde, bino binaabaawo bitya?"

191 Ye n'agamba nti, "Nze El Shaddai." Kati, *El* kitegeeza "oyo," ate—ate *Shaddai* ne kitegeeza "bbeere," era Shaddai kirina amakulu ga bingi, ekitegeeza nti "Nze Katonda alina amabeere."

192 Nga omwana omuwere ali mu kunyigirizibwa olw'obulwadde, nga amaanyi takyalina, bwe yeesigama mu kifuba kya nnyina n'ayonka n'addamu amaanyi. Mazima ddala. Si ekyo kyokka . . . Bw'aba ayonka, aba takyanyigirizibwa nate. Nga ali ku bbeere lya nnyina, amatizibwa nga bw'addamu amaanyi.

193 N'omuntu yenna an'atwala ekisuubizo kya Katonda mu mutima gwe, nti, "Ekisuubizo kiri eri mmwe, n'abaana bammwe, abo abali ewala, bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita," n'ogalamira awo wennyini kw'ekyo n'ozzibwamu nate amaanyi go. Ggwe omwana anyigirizibwa, kikkirize! Kya bakkiriza.

194 Eri omukkiriza omuwandiisi w'ebitontome, nnina ennyimba nnyingi ze nsobola okulowozaako abawandiisi b'ebitontome ze baatufunira. Waliwo omu ku bo lumu eyagamba nti, Ye:

Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe.

Omubbi eyali afa yasanyuka okulaba
Ensulo eyo mu kiseera kye;
Nange bwe ntyo, nga bwe ndi omubi nga ye,
Naazaawo ebibi byange byonna.

Era olw'okukkiriza kasookedde ndaba omugga ogwo
ogukulukuta okuva mu biwundu Byo,
Okwagala okw'obununuzi gwe gubaddenga omulamwa gw'oluyimba lwange,
Era bwe kunaabeeranga bwe kutyo okutuusa lwe ndifa.

195 Gyendi, Ye Mazzi g'Ekigambo ag'Okwawula, agakwawula ku buli kimu kyonna ekikontana n'Ekigambo Kye. Mmukkiriza okuba nti Ye Nsulo eyo. Yee, ssebo. Eyo, Ge Mazzi aganjawula ku ttanka z'omu ttaka ezaakolebwa abantu, okudda ku Nsulo ey'Amazzi amalamu. O, mukwano gwange, nsobola oku . . . Osobola okweyongera mu maaso, n'ebintu ebyo by'Ali gye tuli! Ye Alufa, Omega. Ye Ntandikwa, Ye Nkomerero. Ye Oyo eyaliwo, aliwo, era agenda okujja. Ye Kikolo era Omuzukkulu wa Dawudi. Ye Mmunyeenye y'oku Makya. Ye Byonna mu byonna wange.

196 Era, ow'oluganda, mwannyinaze, bw'oba tonnaba kufuna—a . . . Nga obadde onywa kuva ku ka ttanka kano akaakolebwa omuntu, obulamu bwo bwonna, lwaki enkya ya leero toyabulira ttanka eyo n'ojja eri Ensulo eno?

197 Tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera. Nga mukotese emitwe gyammwe . . . [Waliwo mwannyinaffe atandika okuyimba

mu lulimi olulala. Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . . mu ndowooza yange, kuyita baagala kulokoka. Bameka kaakano?

198 Mba—mbadde mu kweraliikirira nzenna, mba—mbalwisizzaawo nnyo, kindeetedde obubaka bwange okubukutulakutula mu bitundutundu. Naye nzikiriza Omwoyo Omutukuvu ayagala mufune kye ntegeeza. Mulabeeyo, tewali kya mugaso nnyo mu kiseera kino kisinga kutereera na Katonda; mulaba, eky'eggulo kyaffe, kyonna kye kiri, ka kibe kiki. Mukama ali wano. Kati, ekyo nnaakakiwulirako omulundi gumu gwokka mu bulamu bwange, okuva ku mulundi guno.

199 Kati ba . . . mwenna abali wano, si "bameka." Mwenna abali wano abaagala okunywa ku Ekyo, muyimirireeko okumala eddakiika, olw'okusaba. Katonda akuwe omukisa. Mukama akuwe omukisa.

200 Kati bameka abali wano, a—abayimiridde mu kaseera kano, abaagala okwogera, n'omukono oguyimusiddwa waggulu bwe *guti* nti, "Katonda, jangu mu nze, nzijuza, leka nnywe ku Nsulo eno. Weewaawo ssikoze ebyo ebisaanidde, naye nja—njagala obinsonyiwe. Njagala onaazewo ebibi byange. Era o—o—ondeetere okuva leero, mbeere . . . "? Laba laba! Bannange!

Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe.
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe;
Aboonoonyi bwe bebbika mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe.

201 Kaakati oyo, ye ggwe omukkiriza Omukristayo, nga wakkiriza Kristo okubeera Omulokozi wo, naye nga tonnaba ku . . . Kati bw'oba tonnaba, eyo ye Nsulo. Oyo yekka gwe mmanyi ye Nsulo eyo ekulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri. Kati, era bwe kiba nti bangi ku mmwe wano . . .

202 Kiringa bwe nnabadde njogera ekiro ekyayise ku kawungu kano akato akaali katambulatambula mu kiyumba n'obukoko. Akaali tekamanyi kintu kirala kyonna okuggyako obukoko, wabula nga kakimanyi nti waliwo eky'enjawulo ekikaliko ekikaawula ku bukoko. Kati maama waako n'ajja nga akanoonya, n'aleekaanira mu bbanga. Kwali kukowoola kwa mpungu. Okiraba, kaalina kuba mpungu, okusookera ddala, bwe kitaba ekyo tekanditegedde ddoboozi eryo. Okiraba, ka . . .

203 Munda muteekwa okubaamu ekintu, ekisobola okufuna obulamu, bwe kitaba ekyo tekisobola kuvaamu Bulamu. Era Ensigo, Ekigambo kya Katonda, bwe kiba nga mu ggwe mwekiri, Omwoyo Omutukuvu ekyo ky'ali wano okuwa obulamu n'okukifuula ekya nnamaddala gy'oli.

204 Bameka abali wano nga tonnafuna kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, muyimuse emikono gyammwe? Wonna wonna, buli wamu, mubeere beesimbu ddala, nga tonnafuna Mwoyo Mutukuvu, naye nga wandyagadde okumufuna, yimusa omukono gwo. Wonna wooli, omukono gwo gusigale waggulu, okumala akaseera katono.

205 Kati njagala, mmwe abayimiridde mukyuke mubatunuulire, njagala wabeewo abateekako emikono.

206 Nzikiriza mu kaseera kano kennyini Omwoyo Omutukuvu ajja kujjuza buli yenna amwagala. Kati temulowooza ku mmere eri mu wooteeri. Leka tulowooze ku Mmere eno wano. Eno ye Mmere. Buno Bulamu. Mukiraba, buno Bulamu.

207 Kati mukyuke, buli omu, buli omu ateeke emikono ku munne. "Ne babateekako emikono!" Kati njagala osabire omuntu gw'otaddeko omukono . . .

208 Kati tolowooza ku bya kufuluma bweru. Tobaako kirala kyonna ky'olowozaako. Lowooza kimu, nti mu kaseera kano, Omwoyo Omutukuvu ali wano okujjuza buli muntu. Ggulawo omutima gwo, osenemu amazzi ga ttanka gonna, ogambe nti, "Ai Ensulo ey'Obulamu, jangu mu nze. Nzijuza, Ai Mukama Katonda, n'obulungi Bwo n'okusaasira."

209 Mukama Yesu, Ensulo eyo etakalira! Nkusaba, ai Katonda, ojjuze buli omu ku bo. Leka Omwoyo Omutukuvu akke wano. Nsaba, ai Katonda, twerabire ebirala byonna; Omwoyo Omutukuvu akke mu makkati gaffe, mu kaseera kano kennyini, atuwe buwa, Amazzi ago ag'Obulamu, okuva buli wamu. Kikole, Ai Katonda. Nga o—okusaba n'oluyimba bwe bigenda mu maaso, nga bikwatagana wamu, Mukama, nga tumanyi nti okwo kwe Kubeerawo Kwo, Okubeerawo Kwo okw'Obwakatonda, twagala kujja ku Nsulo. Twagala okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, kwennyini okwa nnamaddala. Mukama, abantu bano kye basabira. Nsaba nti, mu kaseera kano kennyini kati, bajjuzibwe n'obulungi bwa Katonda buno. Kikole, Ai Katonda. Wulira okukaaba kw'abaana Bo. Bakkeeko, leka Amaanyi ga Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu, bibakkeko. Kikole, ai Katonda.

210 O nga tukwebaza olw'okuzzibwa obuggya, olw'Okubeerawo kwa Katonda w'Eggulu ayinza byonna, nga ayimiridde mu makkati gaffe! Mu ssaawa eno ey'ettuntu, Mukama, tuliise! Mukama, twagala Mmere eva ku mmeeza Yo. Tuliise, Mukama, mu kaseera kano. Tuliise n'Omwoyo Omutukuvu, mu bulamu bwaffe. Emmeeme zaffe ezirumwa enjala n'enkalamata zirina

ennyonta. Nga bw'Ogambye mu kuvvuunulwa kw'oluyimba nti, "Anaafuka amazzi ku ttaka ekkalu." Leka kibeewo, Mukama. Leka Ebigambo Byo birabisibwe mu mitima gy'abaana Bo, "Amazzi ku ttaka ekkalu, eritaliimu mazzi." Katonda Ataggwaawo, wulira essaala y'omuweereza Wo, otuwe Omukisa ogwo. Amiina.

O, nga njagala nnyo Yesu,

211 Genda mu maaso nga omutendereza kati. Kimanye nti, Omwoyo Omutukuvu ali wano. Bw'otamufuna, nsobi yo.

. . . nga njagala nnyo Yesu,

"Onjagala Ggwe okusinga bano?"

. . . njagala Yesu,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

O, nga njagala nnyo . . . (Ekitiibwa kibe eri Katonda!)
O, nga njagala nnyo . . . (Watya ssinga ajja mu kaseera kano?)
O, Yesu nga mmwagala nnyo,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

Ssirimwabulira,
Ssirimwabulira,
Ssirimwabulira,
Kubanga Ye yasooka okunjagala.

Wa kitalo, wakitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
Oyo Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
O, yandokola, era ankuuma obutagwa mu bibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Eririye litenderezebwe . . .

212 Tulumuyimbire kaakano!

Wa kitalo, wakitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
Oyo Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
O, yandokola, era ankuuma obutagwa mu bibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye litenderezebwe!

213 Mwenna abawulira bwe mutyo, mugambe nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ha, aleruuya! Ndaba abantu abamu nga kati bafuna, Omwoyo Omutukuvu.

Lumu nnali nnabula, kaakano nnazaawulwa, ssiriiko kunenyezebwa kwonna,
Yesu agaba eddembe n'obulokozi obujjuvu;

Yandokola, era ankuuma obutagwa mu bibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, litenderezebwe . . .

Tuyimuse emikono gyaffe kaakano tumute- . . .

O, wa kitalo, wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi,
Oyo Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Ye Katonda ow'Amaanyi;
O, yandokola, era ankuuma obutagwa mu bibi na nsonyi,
Wa kitalo oyo Omununuzi wange, Erinnya Lye litenderezebwe!

214 Mumwagala? O, kirungi nnyo! Ensulo eyo ejjudde Omusaayi etenderezebwe, aboonoonyi mwe baggyibwako okutya kw'abantu kwonna, okunenyezebwa kwonna, ne baba ba ddembe mu Ye. Aleruuya! Ha, bannange, ekyo kirungi nnyo ddala!

215 Kati nga bwe tuluyimba nate, ffenna wamu Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abakatuliki, Abapulesibeteriyani, ffenna ffenna, nga bwe tuyimba nti, "Wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi," leka ffenna tukyuke tukwataganeko mu ngalo, tubeere n'ekiseera ekinyuvu eky'okutabagana. Omanyi, nze, ekyo kye njagala. Mukikole, leka tuluyimbe kaakano nga bwe tukikola.

O, wa kitalo, wa kitalo, Yesu wa kitalo gyendi,

216 [Ow'oluganda Demos Shakarian ayogera n'Ow'oluganda Branham, "Ow'oluganda Branham, nnakafuna amawulire nti Pulezidenti Johnson, addusiddwa mu ddwaliro olw'obulwadde bw'omutima, era oba oli awo tusaanye okumusabira n'eggwanga lyaffe." Wabaawo agamba nti, "Tulindeko katono."—Omuk.]

. . . wa kitalo, Yesu, (kituufu ekyo.)
Oyo Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe,

217 [Ow'oluganda Shakarian addamu n'ayogera n'Ow'oluganda Branham, "Nsonyiwamu, nsonyiwamu nate, wandyagadde okugira nga otuulako katono?" Ow'oluganda Earl Prickett akulembera ekibiina mu kuyimba, *Wa kitalo*. Ebbanga ku lutambi. Ekibiina kiyimba *Waliwo Omugga gw'Obulamu*. Ebbanga ku lutambi—Omuk.]

Bayibuli egamba nti, "Musabire abali mu buyinza."

218 Kitaffe Ow'omuggulu, tuyimiridde nga tulina ekyetaago eky'obulumi ku lw'omukulembeze w'eggwanga lyaffe, Pulezidenti waffe. Kino ayinza obutakitegeerako, Mukama, naye Ggwe okimanyi. Nsabira Ow'oluganda Johnson, nga bw'agamba nti akukkiriza. Era, Kitaffe, obulwadde bw'omutima, tukitegeddeko, nti bwe bumuluma. Nsaba, ai Katonda, owonye obulamu bwe. Tuli mu kiseera kya katyabaga

nga eggwanga, kaakano. Era leka Omwoyo Wo amukkeko, Mukama. Era mu kaseera kano kennyini, mu ddwaliro oba wonna w'ali, leka Omwoyo Omutukuvu akke wansi eyo mu Ddwaliro lya Walter Reed akome ku mubiri gwe, awonye obulamu bwe. Mukama, omusajja okuzitoowererwa kw'alimu, kwa maanyi nnyo n'okusinga bwe tumanyi. N'olw'ekyo tusaba, ai Katonda, nga abakkiriza era nga bwe tuli ekitundu ku ggwanga lino, tusabira omukulembeze waffe, omwongereyo ku kiseera ky'obulamu bwe, mu kiseera kino ekikulu, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

65-0123 Ttanka z'Omu Ttaka Eziwomoggose
mu Ramada Inn
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org